# *Engeri Malayika Gye Yajja Gyendi, n'Omulimu Gwe Yantuma Okukola*

Era kirabika nga ab'oluganda . . . Wansi wano ndabawo tteepu likooda eziwerako, era bino zijja kubikwata, mu buli ngeri. Wonna w'oyagalira okumanya Omwoyo Omutukuvu bye yayogedde gy'oli, laba ab'oluganda bano wano abalina tteepu likooda zino, basobola okuziddizaayo ddala emabega wali wennyini, n'osobola okufunira ddala ekyo ekikukwatako. Era weetegereze olabe oba tekiituukirire ddala nga bwe Yayogera, olaba. Buli lw'owulira nga kyogerwa nti "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, 'Ekintu gundi, oba nti *kino* kiri *bwe kiti*,'" awo ggwe ky'okola ddamu okyekenneenye olabe oba kituufu oba nedda. Olaba? Bulijjo bwe kiba.

2 Kaakati, okubaako we nneesigamya ekintu kino . . . Ate ndi musanyufu akawungeezi kano okuba nti tuliwo batono ffekka wano. Tuli baana b'eka ffekka, si bwe kiri? Tetuli, tewali n'omu ku ffe, mugenyi. Tetu . . . Nsobola n'okukozesa enjogera yange ey'e Kentucky kati ne nneegazaanya, kubanga tuli—ddala tuli . . . Kati ssigezaako kujerega Kentucky, bwe wabaawo omuntu yenna ava mu Kentucky. Wano waliwo omuntu yenna ava mu Kentucky? Yimusa ku mukono gwo. Kyogereko! Nnina okwegazaanya, si bwe kiri? Ekyo kirungi nnyo.

3 Mmange yaddukanyanga ekisulo ky'abayise. Kati lumu nnagendayo okulaba oba . . . Waaliwo ekibinja ky'abasajja abaali basuzeewo, nga waliwo emmeeza, ennene empanvu etegekeddwa obulungi. Ne ŋŋamba nti, "Bameka mu bali wano abasibuka mu Kentucky, muyimirireeko." Buli omu n'ayimirira. Ne ŋŋenda mu kkanisa akawungeezi ako, ekkanisa yange, ne mbuuza nti, "Wano bameka abasibuka e Kentucky?" Buli omu n'ayimirira. Ne ŋŋamba nti, "Ekyo, nno kirungi nnyo." Abaminsani bakoze omulimu mulungi, n'olw'ekyo tugusiima nnyo nnyini.

4 Kati, mu Kitabo ky'Abaruumi, essuula ey'e 11 n'olunyiriri olw'a 28. Kaakano muwulirize bulungi nga Ebyawandiikibwa bisomebwa.

> *Mu njiri, be balabe ku lwammwe: naye mu kulondebwa, baagalwa* aba . . . *ku lwa bajjajja.*
>
> *Kubanga ebirabo n'okuyita kwa Katonda tebyejjusibwa.*

5 Leka tusabe. Mukama, tuyambe kaakano akawungeezi kano nga kino bwe tukikwatako n'obuwombeefu, n'emitima gyaffe gyonna, mu bwesimbu, era bino byogerwa lwa kitiibwa Kyo kyokka. Era onnyambe, Mukama, oteeke mu mutima gwange ebyo byokka ebisaanidde okwogerwa na byenkana wa eby'okwogera. Onnyimirize nga ekiseera Kyo kituuse. Nsaba buli mutima gusembeze ebintu bino okusobola okuganyulwa abalwadde n'abali mu bwetaavu abali mu kibiina kino. Kubanga nkisaba mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

6 Kaakati, njagala okuyingira mu ky'okuyigako kino nga tukyali batono. Era—era nja kugezaako obutabalwisaawo nnyo, essaawa yange ŋŋenda kugiteeka wano ngezeeko nga bwe nsobola okubata mugende mu nga obudde bukyali musobole okukomawo enkya akawungeezi. Kati, mubeere mu kusaba. Ssirowooza nti omulenzi kaadi n'okuzigaba yazigabye. Ssaamubuuzizza oba nga ya . . . Kale bwe babeera tebaakikoze oba baakikoze oba nedda, si kikulu. Ndaba wano tulinawo kaadi bwe tuba twetaaze okubaako ne be tuyita. Kale, bwe kiba nti tebaazigabye, awo, tunaalaba Omwoyo Omutukuvu ky'agamba.

7 Kati, bwe munaawuliriza obulungi . . . Kati, kino kiyinza . . . nga bwe kiri nti nze . . . Nga bwe tuliwo abatono, kiseera kirungi okwogereramu kino, kubanga ki—kikwata ku nze nga omuntu. Era y'ensonga lwaki nsomye Ekyawandiikibwa kino akawungeezi ka leero, musobole okulaba nti ebirabo n'okuyitibwa si bye bintu omuntu yenna by'agwanyizibwa.

8 Pawulo nga ayogera wano, yagamba nti, "Abayudaaya, mu kujja kw'Enjiri, baazibibwa amaaso obutalaba Katonda, nga ekyo, kyakolebwa ku lwaffe." Naye olunyiriri olusooka olwo lulyoke luddeko, lugamba nti, "Abaisiraeri bonna balirokoka." Abaisiraeri bonna balirokoka. Okusinziira ku kulondebwa, Katonda Kitaffe yabaagala naye n'abaziba amaaso ffe Ab'amawanga tusobole okufuna omwagaanya okwenenya, kibeere nti, okuyita mu Ibulayimu, Ezzadde lye linaasobola okuwa ensi yonna omukisa okusinziira ku Kigambo Kye. Mulaba okusukkuluma kw'obuyinza bwa Katonda bwe kuli? Ekigambo Kye kiteekwa buteekwa okuba. Tayinza kuba kirala kyonna. Era ffe kati, olwa . . . Katonda yatulonda; Yalonda Omuyudaaya; era Ali . . .

9 Ebintu bino byonna kumanyirawo kwa Katonda. Bwe yabyogerako kiki kye biriba, Yabimanyirawo. Kati, Katonda, okusobola okubeera Katonda, ku lubereberye Yalina okumanyirawo enkomerero bwe kitaba ekyo teyali Katonda ataliiko kkomo mu kumanya. Katonda tayagala muntu yenna kubula. Nedda n'akatono! Tewali muntu yenna gw'ayagala kubula. Naye ku lubereberye lw'entandikwa y'ebiro, e—ensi, Katonda yamanyirawo ani alirokoka ne ani atalirokoka. Teyayagala bantu kubula, "Si bw'Ayagala nti wabeewo omuntu yenna abula, wabula Ayagala okulokola buli muntu," naye ku

lubereberye Yamanyirawo ani ow'okulokoka ne ani atalirokoka. Eyo y'ensonga lwaki yasobola n'okulagulirawo nti, "*Kino* kijja kubaawo. *Ekyo* kijja kubaawo," oba, "*Kino* kiriba *bwe kiti*. Omuntu *ono* alibeera *bw'ati*." Olaba?

10 Yali asobola okukimanyirawo kubanga Ye taliiko kkomo mu kumanya. Bw'oba omanyi kye kitegeeza, ekyo kitegeeza nti, "tewali kintu kyonna ky'Atamanyi." Olaba, Amanyi. Kale, tewali byasookawo nga ebiseera tebinnatandika, ate era tewaliba birala nga ebiseera bikomye, olaba, buli kimu asigala Akimanyi. Buli kimu kyonna kiri mu ndowooza Ye. Naye ate nga Pawulo bwe yagamba mu Baruumi, essuula ey'o 8 n'ey'o 9 nti, "Kiki ekimunenyesa nate?" Kale nno ffe ekyo kye tulaba, naye Katonda . . .

11 Nga mu kubuulira Enjiri. Waliwo eyambuuza nti, "Ow'oluganda Branham, okikkiriza Ekyo?"

Ne ŋŋamba nti, "Labayo."

N'agamba nti, "Oteekwa okuba nga oli wa nzikiriza ya Bakaluviini."

Ne ŋŋamba nti, "Ndi Mukaluviini kasita kiba nti Obukaluviini buli mu Bayibuli."

12 Kati, ku Muti kuliko ettabi, ery'Ekikaluviini, naye ate ku Muti, kuliko n'amatabi amalala. Omuti guba n'amatabi agasukka mu limu. Yali ayagala kukitambuliza ku njigiriza ya Bukuumi Obutaggwaawo, naye ate bw'okola ekyo okomekkereza weekubidde eri mu Nzikiriza y'abakkiriza nti obulokozi bwa bantu bonna okukakkana nga, kale tekirina we kikoma. Naye bw'omala okutuuka mu busanso bw'ettabi ery'Ekikaluviini, ate komawo otandike okulinnya ne ku ly'Abaluminiyani. Olaba, ku Muti kuliko ettabi eddala, n'ettabi eddala ku Muti, ggwe genda bugenzi mu maaso. Ekintu kyonna awamu kye kikola Omuti. N'olw'ekyo nzikiririza mu—mu . . . mu nzikiriza ey'Ekikaluviini kasita esigala nga ekwatagana n'Ebyawandiikiwa.

13 Era nzikiriza nti nga n'ensi tennabaawo Katonda yamanya, n'alonda Ekkanisa Ye mu Kristo, era n'atta Kristo nga ensi tennabaawo. Ebyawandiikibwa bwe bityo bwe bigamba nti, "Ye yali Omwana gw'endiga gwa Katonda ogwattibwa nga n'ensi tennabaawo." Mukiraba? Ne Yesu yagamba nti Yatumanya nga ensi tennabaawo, Pawulo n'agamba nti, "Ya—Yatumanya era n'atuteekerateekera okutuuka ku kutongozebwa kw'abaana okuyita mu Yesu Kristo nga n'ensi tennaba kutondebwa." Oyo ye Katonda. Oyo ye Kitaffe. Mukiraba?

14 N'olw'ekyo teweeraliikirira, byonna biri mu nteeko, buli kimu kyonna kijjira mu budde obutuufu. Kimu kyokka, kiri nti, kyetabeemu. Era ekyo kye—ekyo kye kirungi ekikiriko, awo lw'ojja okusobola okumanya engeri y'okukolamu nga okyetabyeemu.

15 Kati, mulabeeyo kati, “Ebirabo n’okuyitibwa tebiriiko kusooka kwenenya,” eyo y’engeri yokka gye—gye nsobola okweyambisa Ebyawandiikibwa okusimbamu okuyitibwa kwange mu Mukama. Era nzikiriza nti ndi na bamikwano akawungeezi kano kino abanaakitegeerera ddala obulungi ne batalowooza nti kikwata bukwasi ku nze nga omuntu, wabula musobole okutegeera n’okumanya ebyo—ebyo Mukama bye yagamba nti Alibikola, olwo mubeeko kye muzuula ekigenda mu maaso era mukigoberere mukitambuliremu.

16 Kati, ku ntandikwa, ekintu ekisooka kye nnyinza okujjukira kwe kwolesebwa. Ekisookera ddala kye nzijukira mu birowoozo byange kwe kwolesebwa Mukama kwe yampa. Era ekyo kyaliwo, emyaka mingi nnyo, nga nkyali kalenzi kato. Nnali nkutte ejjinja.

17 Kati, munsonyiweko, nzijukira lwe nnali nnyambadde akateeteeyi akawanvu. Ssimanyi oba mmwe (waliwo mu mmwe) abakulu asobola okujjukira obulenzi obuto we bwayambaliranga obuteeteeyi obuwanvu. Bameka wano abajjukira abaana abato bwe baayambalanga, otyo, obuteeteeyi obuwanvu? Kale, nkyasobola okujjukira, mu kasiisira kange ak’edda mwe twabeeranga, nnali njavulira wansi. Ne wabaawo omuntu, ssimanyi oba yali ani, n’ayingira. Maama waliwo a—akagoye aka bbululu ke yali yatungira mu kateeteeyi kange. Nnali ssinnakakata bulungi kutambula. Naye nnali nkayavula bwavuzi, ne nsokoola n’engalo yange omuzira ogwali ku bigere by’oyo eyali azze, nga omuzira ogwo ogw’omu bigere bye ngulya bwe yali ayimiridde awo ku mabbali g’ekyooto, nga anoonya akabugumu. Nzijukira nga mmange ansikambulawo olw’okukikola.

18 Kati ekirala kye nzijukira, kiteekwa okuba nga kyaliwo nga wayiseewo emyaka nga ebiri oluvannyuma lw’ekyo, nnali nkutte ejjinja. Era awo nnali mpeza emyaka nga esatu, olwo nga muto wange ye tannaweza bulungi myaka ebiri. Kati twali mabega ddala eri mu kifo awabeeranga enku eyo gye baatwalanga enku okuzaasa. Bameka abajjukira ebiro ebyo we wawalulanga enku okuzitwala mu luggya lw’emmanju okuzaasa? Ye lwaki nnayambadde ettaayi akawungeezi ka leero? Ndi—ndi waffe wennyini.

19 Kale bwe baa. . .Emabega eyo awaabeeranga enku waaliyo akagga akaakulukutirangayo, nga kasibuka ku luzzi. Twalinangayo olwendo lwe twasenyesanga amazzi okuva mu luzzi ne tugayiwa mu kalobo akakadde, akalobo akakadde akaawoolebwa mu muti gw’omuvule, ne tugaleeta.

20 Nzijukira omulundi gwe nnasembayo okulaba jjajjange omukazi, nga tannafa, yali aweza emyaka kikumi mu kkumi. Era lwe yafa, nnali mmusitudde mu mikono gyange bwe nti mu kaseera nga anaatera okufa. N’anneetoolooza emikono,

n'agamba nti, "Katonda emmeeme yo agiwe omukisa, mukwano, kaakano n'emirembe gyonna," n'alyoka afa.

21 Kati ssirowooza nti omukazi oyo yali abaddeko n'o—n'omugogo gw'engatto ogugwe ku bubwe, mu bulamu bwe. Era nzijukira bwe nnamutunuuliranga, ne bwe nnali nkyali mulenzi muto, nnagendangayo okubalabako, buli ku makya yasitukanga, nga tayambadde ngatto, n'ayita mu muzira ogwo okutuuka ku luzzi, n'asena akalobo k'amazzi n'akomawo, nga atambuza bigere ebitali mu ngatto mu muzira ogwo. Kale nno, kireme kubayisa bubi, bwe ŋŋamba nti yawangaala emyaka kikumi mu kkumi. Kale (yee, ssebo) naye kennyini, yali mukazi mukakaalukanyi, nnyo.

22 Kale nzijukira yali agenda kunnyumiza ku mayinja ga taata wange aga mabbo ge yazannyisanga nga akyali mulenzi muto. "Kati oba mukazi wattu ono nnamukadde," nga muli nnneebuuza oba, "anaalinnya atya waggulu eyo mu kasolya ako?" Kaali kayumba katono, nga kalimu ebisenge bibiri, nga kaliko n'akasenge mu kasolya waggulu. Era baali baatema emiti ebiri, ne bakolamu eddaala, ery'okulinnyirako okwambuka waggulu. Kati, ne ŋŋamba . . .

23 Kale, kati, yaŋŋamba nti, "Kati, bwe tumala okulya eky'eggulo ŋŋenda kukunyumiza, ŋŋenda kukulaga amayinja ga—ga kitaawo aga mabbo."

Kko nze nti, "Kale."

24 Kale yali agenda kugandaga, waggulu gye gaali mu ssanduuko mwe yaterekanga ebintu bye nga abakadde bwe bakola. Muli ne nneebuuza nti, "Naye nnamukadde ono anaalinnya atya eddaala eryo?" Kye nnava nsembera ne mugamba nti, "Jjajja," ne ŋŋamba nti, "sooka, olindeko, mukwano, nze leka nninnyeyo nkuyambeko."

25 N'agamba nti, "Dda ebbali." N'alinnya eddaala nga gy'obeera nti kaamuje. N'agamba nti, "Kale, jangu!"

Ne ŋŋamba nti, "Kale, Jjajja."

26 Muli ne ndowooza nti, "Ha, bannange, ne mmala mbeera bwentyo, amaanyi agenkanidde awo ku myaka kikumi mu kkumi!"

27 Kati, nzijukira nga ndi ku kazzi kano ak'edda, nga nkutte ejjinja ndikasuka bwenti, mu ttosi, ngezaako okulaga muto wange nga bwe ndi ow'amaanyi. Waggulu awo ku muti waaliwo akanyonyi nga kayimba, nga bwe keetooloola, kirabika yali nnyonza oba ekintu bwe kityo. Kati, akayonza kano, muli nnalowooza nga akoogedde nange. Ne nkyuka mpulirize, naye akanyonyi ne kabuuka ne kavaawo, ne wabaawo Eddoboozi eryogera nti, "Ekiseera ky'obulamu bwo ekisinga obunene oli wa kukimala kumpi n'ekibuga ekiyitibwa New Albany."

28 Ekyo kiri mu mayiro ssatu okuva we nnakulira. Oluvannyuma twagenda, mu kifo ekyo, nga wayiseewo omwaka nga gumu, naye nga ssibangako na kirowoozo kyonna kya kugenda...New Albany. Mu bulamu bwonna, ebintu ebyo engeri gye bya...

29 Kati, mulabeeyo, abantu bange tebaali bannaddiini. Kitange ne mmange tebaagendanga mu masinzizo. Okusooka baaliko Abakatuliki.

30 Waliwo omwana wa muganda wange, ndowooza alina w'atudde muno akawungeezi kano, ssimanyi. Mujaasi. Mmusabira. Ye Mukatuliki, akyali Mukatuliki. Era eggulo, bwe yabadde wano n'alaba ebintu bya Katonda ebyo, yabadde ayimiridde awo wennyini kumpi n'ekituuti. Yagambye, yabadde ayimiridde awo, yaŋŋambye nti, "Kojja Bill?" Abadde amaze ebbanga ddene nga ali mitala wa mayanja, kati yaŋŋambye nti, "Ekyo bwe nnakirabye..." N'agamba nti, "Ebyo—ebyo mu ekereziya Katolika tebiriiyo." N'agamba nti, "Ebyo...nzi—nzikiriza, Kojja Bill, oli mutuufu," bw'atyo bwe yagambye.

31 Kye nnavudde mugamba nti, "Mukwano, si *nze* mutuufu, Ye ye mutuufu. Olaba, *Ye* ye mutuufu." Kye yavudde agamba... ne ŋŋamba nti, "Kaakati, ssikugamba kubaako kintu kyonna ky'okola, Melvin, wabula weereza buweereza Mukama Yesu Kristo n'omutima gwo gwonna. Genda yonna gy'oyagala okugenda. Naye kakasa nti mu mutima gwo Yesu Kristo azaaliddwa buggya, olaba, mu mutima gwo. Kati oluvannyuma lw'ekyo genda mu kkanisa yonna gy'oyagala."

32 Kati, naye abo abansooka baali Bakatuliki. Kitange yali mw'Ayiriisi ne mmange yali mw'Ayiriisi. Kimu kyokka ekyanafuyaamu ku musaayi gw'Ekyayiriisi, jjajjange omukazi yali wa ggwanga ly'Abayindi ba nnansangwa aba Cherokee. Mmange kyenkana musaayi mutabike. Kale n'olw'ekyo nze... ku lwange, ab'ewaffe...omugigi ogwaffe, okuva ku mugigi ogw'okusatu gusaabulukuse. Naye ekyo kyokka ky'ekyabaawo obutabeera mw'Ayiriisi yennyini nnakabala, Harvey ne Branham ge gaali amanya gaabwe. Ate emabega w'abo nga eriyo Lyons, era nga oyo naye mw'Ayiriisi. Era abo bonna baali Bakatuliki. Nga oggyeeko nze, ffe tetwafunako kuyigirizibwa yadde okutendekebwa kwonna mu by'eddiini, nga abaana.

33 Naye ebirabo ebyo, okwolesebwa okwo, nnalabanga okwolesebwa mu biseera ebyo nga era bwe nkulaba na kati, bwe kiri, kubanga ebirabo n'okuyitibwa tebiriiko kusooka kwenenya. Okwo kumanyirawo kwa Katonda, Katonda nga aliko ky'akola. Ebbanga lyonna mu bulamu bwange mbaddenga ntya okubaako ne kye nkyogerako.

34 Mwali musomye ku binkwatako mu katabo akayitibwa *Yesu Kristo Ye Omu Jjo, Leero, N'emirembe Gyonna*. Ndowooza biri ne mu bumu ku butabo, buno obulala. Si bwe kiri,

Gene? Mwebiri mu kano, akafuluma buli—akatabo kano akafuluma bulijjo, mu—mu katabo ke tulina kati? Oba ke ka, *Ebyafaayo By'Obulamu?* Ndowooza ke kko. Kale bwe twafuna . . . Ekyo si kibi nnyo? Ebitabo ebinkwatako, okuba nti ate nze, ssibisomanga. Naye ensonga eri nti muntu mulala y'abiwandiika, kale bibeera bintu ebiggyibwa mu ebyo ebiba byogeddwa mu lukuŋŋaana. Ebyo bye bintu bye mpiseemu mu bulamu, kale bulijjo mba nnindayo ekirala ekinaabaawo. Kale, naye, bulungi, obumu ku bwo mbusomyeko ebitundu kati, wano na wali, buli lwe nfuna akakisa.

35 Kale kati, era, nga—nga omulenzi omuto, mumanyi okwolesebwa bye kwayogera gyendi, nnalina emyaka nga musanvu egy'obukulu, ne kugamba nti, "Tonywanga omwenge yadde ssigala yadde okujaajaamya omubiri gwo mu ngeri yonna, waliwo omulimu ogwakutegekerwa gw'olikola bw'oliba okuze." Era ekyo muzze mukiwulira nga kyogerwako mu katabo. Kale, bwe kityo bwe kyali. Bulijjo kwagenda mu maaso nga kubaawo.

36 Bwe nnafuuka omuweereza, ate olwo, ne ku—ne kulyoka kutandikira ddala okubaawo buli kiseera.

37 Era lumu ekiro nnalaba Mukama waffe Yesu. Kino nkyogera nga nnina olukusa, lwe nzikiriza nti, lwampeebwa Omwoyo Omutukuvu. Malayika wa Mukama ajja bulijjo si ye Mukama waffe Yesu. Tamufaanana mu kwolesebwa kwe kumu. Kubanga, mu kwolesebwa kwe nnalaba okwa Mukama waffe Yesu, yali Musajja mutonotono. Teyali . . . Nnali bweru mu lusaalu, nga nsabira kitange. Bwe nnakomawo ne nnyingira ne ŋŋenda mu buliri, era ekiro ekyo nnamutunuulira ne—ne ŋŋamba nti, "Ayi Katonda, mulokole!"

38 Mmange ye yali yalokoka dda era nga nnamubatiza. Kale ne ndowooza muli nti, "O, nga kitange anywa nnyo omwenge." Naye ne ndowooza nti, "Ssinga nsobola okumuleetera okukkiriza Mukama waffe Yesu!" Ne nfuluma, ne ngalamira wansi ku kibaawo mu ddiiro, okumpi n'oluggi.

39 Ne wabaawo Ekintu ekiŋŋamba nti, "Situka." Ne nsituka, ne ntambula, ne nzirayo mu lusaalu olwali emmanju, olw'obuseekende obwameranga edda.

40 Awo, mu ffuuti ezitasukka kkumi okuva we nnali, ne ndaba nga wayimiriddewo Omusajja; nga ayambadde ekyambalo kyeru, nga Muntu mutonotono; nga emikono gye agizinze *bw'ati*; alina ekirevu, mumpimpi; nga enviiri zituuka ku bibegabega Bye; era yali Atunuulidde mabbali okuva wendi, *bw'atyo*; nga afaanana okuba omukkakkamu. Naye nga ssitegeera, ngeri bigere Bye gye byalimu, nga ekimu akisimbye mabega wa kinnaakyo. Nga embuyaga ekunta, nga ekyambalo Kye bwe kyenyeenya, n'obuseekende nga bwenyeenya.

41 Muli ne ndowooza nti, "Kati, lindako." Ne nneeruma. Muli ne ŋŋamba nti, "Naye kati, ssiri mu tulo." Ne nkutama, ne mmenya

akatundu ku kaseekende, omanyi, ne nkakolamu engeri y'akati akasokoozebwa amannyo. Ne nkateeka mu kamwa. Ne nkyuka ne ntunula eri awali ennyumba. Ne ŋŋamba nti, "Naye nedda, mbadde munda muli nga nsabira taata, Ekintu ne kiŋŋamba nzije ebweru wano, ate kati wuuno Omusajja ayimiridde wano."

42 Muli ne ndowooza nti, "Oyo nga alabika nga Mukama waffe Yesu." Ne nneebuuza nti, "Nneewuunya oba bwe kiri?" Yali atunuulidde ddala butereevu, wali ennyumba yaffe w'eri kati. Kye nnava nsenvula ne nzira *erudda* ndabe oba nnaasobola okumulaba mu bwenyi. Nnali ndabako oluuyi olumu olw'amaaso Ge bwentyo. Naye Ya. . . Nnali nnina okukyuka *erudda* okusobola okumulaba. Kati ne ngira nti, "Uhm!" N'ateenyeenya. Ne ndowooza muli nti, "Ndowooza ka mmuyite buyisi." Ne mpita nti, "Yesu." Era bwe Yagira, n'Akyuka *bw'atyo*. Ebyo bye nzijukirako byokka, nti yagolola bugolozi mikono Gye.

43 Tewali musiizi wa bifaananyi yenna mu nsi yonna ayinza kusiiga kifaananyi Kye, endabika y'obwenyi Bwe. Ekifaananyi ekisingayo kye nnali ndabye ky'ekya Hoffmann *Eky'Omutwe gwa Kristo ku myaka Asatu-mu-esatu,* Nkirina mu butabo bwonna ne ku bye nkozesa byonna. Kubanga ekyo kikifaananira ddala, kale nno . . . manya ky'ekikisemberedde, ennyo ddala.

44 Yalabika nga, Omusajja, asobola okwogera, ensi yonna n'eggwaawo, kyokka ate nga ajjudde okwagala n'ekisa okutuusa nti bw'o—bw'o. . . nnagwa bugwi wansi nga nneevuunise. Obudde bwe bwakya, nneesanga bwesanzi nga bukedde, nga essaati yange esulwamu yonna etobye amaziga, we nnadiramu okutegeera, nga ntambula, mpita mu lukande lw'obuseekende, nzirayo eka.

45 Nnakibuulirako mukwano gwange omuweereza. N'agamba nti, "Billy, Ekyo kijja kukusuula eddalu." N'agamba nti, "Oyo ssetaani." N'ayongerako nti, "Teweeriraanya bintu bya ngeri eyo." Mu kiseera ekyo nnali muweereza Mubaputisiti.

46 Kale, oluvannyuma nnagenda eri mukwano gwange omulala. Ne ntuula ne mmubuulira ku kintu Ekyo. Ne mmubuuza nti, "Ow'oluganda, Ekyo ggwe okyogerako ki?"

47 N'agamba nti, "Kati, Billy, leka nkubuulire." N'agamba nti, "Nzikiriza wandigezezaako okukuuma obulamu bwo, n'obuliira bubuulizi ebyo byokka ebiri mu Bayibuli muno, eby'ekisa kya Katonda n'ebirala, nze ssiyinza kumala gagoberera kintu kiri awo eky'okumala gakyamuukirira, kati nga ekyo."

48 Ne ŋŋamba nti, "Ssebo, nange ssaagala kumala gagoberera kintu kikyamuukiriza bukyamuukiriza." Ne ŋŋamba nti, "Kyokka kye ngezaako okukola kwe kutegeera kino kye kiri."

49 N'agamba nti, "Billy, edda ennyo ebintu ebifaananako bwe bityo baabanga nabyo mu makanisa. Naye," n'ayongerako nti, "abatume bwe baakoma, ebintu ebyo byakomekkereza nabo." N'agamba nti, "Kati ekintu kyokka kye tulina . . . bwe wabaawo

engeri yonna ey'okulaba ebintu nga ebyo," n'agamba nti, "biba bya basamize, mizimu."

Ne ŋŋamba nti, "Yiiyi, Ow'oluganda McKinney, ekyo okikakasa?"

N'agamba nti, "Yee, ssebo."

Ne ŋŋamba nti, "Ayi Katonda, onsaasire!"

50 Ne ŋŋamba nti, "Nja—nja . . . O, Ow'oluganda McKinney, ono—onanneegattako mu kusaba Katonda annyambe kireme kuntuukako? Omanyi bwe mmwagala era nga ssaagala kubeera mukyamu mu bintu bino." Ne mmugamba nti, "Nsabiraako."

51 N'agamba nti, "Ŋŋenda kukusabira, Ow'oluganda Billy." Kale ne tusabira awo wennyini mu—mu wofiisi y'abaweereza.

52 Ne mbuuza ku baweereza abalala abawerako. Naye nga ekintu kye kimu kye bagamba. Ne ntandika n'okutya okubabuuza, kubanga baali bajja kulowooza nti ndiko omuzimu. Ate nga sa—saagala kuba bwentyo. Mu mutima gwange nga mmanyi nti waliwo ekyantuukako. Kale, ky'ekyo, waliwo—waliwo ekyali kibaddewo mu mutima gwange. Kale nnali ssaagalira ddala kubeera bwentyo, n'akatono.

53 Kati oluvannyuma nga wayiseewo emyaka egiwerako, lumu nnali ndi ku kkanisa ya First Baptist gye nnali nsabira nga mmemba mu biseera ebyo, ne mpulira nga waliwo agamba munne nti, "Owange, wasubiddwa obutagenda kuwulira abatukuvu abeevulunga eggulo."

54 Muli ne nneebuuza nti, "Abatukuvu abeevulunga?" Mukwano gwange omu, Walt Johnson, eyayimbanga bbeesi, ne mmubuuza nti, "Be baki abo, Ow'oluganda Walt?"

N'agamba nti, "Kibinja kya bano Abapentekoote."

Ne mmubuuza nti, "Abaki?"

55 N'addamu nti, "Bapentekoote!" N'agamba nti, "Billy, ggwe ssinga wabalabyeko," n'agamba nti, "baabadde beevulunga wansi bwe bati nga bwe babuukabuuka." N'agamba nti, "Baagambye mbu baabadde balina okubaako ennimi ezitategeerekeka ze boogera nga bajabiriza bwe batakikola ba—babeera tebannalokoka."

Ne mbuuza nti, "Baabadde ludda wa abo?"

56 "Ha," n'agamba nti, "mu kaweema ke baasimba e gindi, enzivuunuko ya Louisville." Ne mugamba nti, "Weewaawo, abo bateekwa kuba baddugavu."

Ne nziramu nti, "Hm-hmh."

N'agamba nti, "Waabaddeyo n'abeeru bangi nnyo."

Ne mbuuza nti, "Nabo, ebyo baabadde babikola?"

N'agamba nti, "Yee, yee! Nabo, baabadde babikola."

57 Ne ŋŋamba nti, “Kyewuunyisa, engeri abantu gye bamala geenyigira mu bintu eby’engeri eyo.” Ne ŋŋamba nti, “Naye, ndowooza ebyo nabyo birina okubaawo.” Lwali lwa Ssande ku makya, ssirirwerabira. Yali agaaya na kikuta kya mucungwa ekikalu kubanga emmere yali tetambula bulungi mu lubuto lwe, kale byonna mbijjukira bulungi nga biri nga ebyabaddewo eggulo. Muli ne nneebuuza nti, “Okujabiriza, n’okubuukabuuka, kati olwo banaaba na ddiini kika ki oluvannyuma lw’ebyo?” Bwentyo ne—ne nneeyongerayo.

58 Oluvannyuma lw’ebyo, ne nsisinkana omusajja omukulu ayinza n’okuba waali wano mu kkanisa mu kaseera kano, manya yabaddeko wano mu kkanisa, ayitibwa John Ryan. Nnamusanga mu kifo . . . Muzeeyi oyo alina ekirevu ekiwanvu n’enviiri, ayinza n’okuba nga waali wano. Nnali ndowooza nti aviira eyo engulu mu Benton Harbor, awayitibwa Ennyumba ya Dawudi.

59 Kati baalina ekifo mu Louisville. Abantu abo nnali ngezaako okubanoonya, ekifo ekyo baali bakiyita Essomero lya Bannabbi. Kale nnalowoozaamu okugendayokko ndabe kiki ekiriyo. Kwo okuba, ssaalabayo n’omu yeevulunga ku ttaka, naye baalinayo ku njigiriza ezitaali za bulijjo. Era eyo gye nnasisinkana musajja mukulu ono, era n’ampita ŋŋendeko ewuwe.

60 Ne ŋŋendako mu kuwummula. Nnamalayo olunaku lumu, kyokka ŋŋenda okuddayo ewuwe nnasanga taliiyo, nga agenze eyo mu Indianapolis. Ne ntegeezebwa nti, “Mukama yamuyise,” nga mukyala we y’aŋŋamba.

Ne ŋŋamba nti, “Ky’otegeeza omusajja oyo omuleka n’amala gagenda atyo?”

61 Omukyala n’annyanukula nti, “Ha, oli muweereza wa Katonda!” Bambi mukazi wattu, mpulira mbu yaakafa wiiki ntono eziyise. Ate omukyala ono yali amuwuliriramu nnyo. Bannange, omukazi bw’atyo ye mulungi okuwasa! Bwe kiri. Oba mutuufu oba mukyamu, omusajja aba mutuufu mu buli ngeri! Ne ŋŋamba nti . . . Kale, nnali mmanyi nti ba . . .

62 Kaakati n’a . . . Ow’oluganda Ryan, wooli wano? Taliiwo. Yaliwo luli, si bwe kiri, bavubuka?

63 Bambi, nga konna ke bafunawo ke balya, kale teyalinaawo kulya kyonna mu nnyumba. Bwe kiri ddala. Kati nnali ndobyeyo ku byennyanja mu kidiba, manya mu nnyanja emu, mu Michigan, mu kukomawo—ne mpitirayo. Nga awaka, tebalinaawo yadde omuzigo oba ssamuli, okusiikisa ebyennyanja. Ne mmubuuza nti, “Yagenze talina na ky’akulekedde waka?”

N’anziramu nti, “Ha, naye oli muweereza wa Katonda, Ow’oluganda Bill!” N’agamba nti, “Ya . . . ”

64 Muli ne ndowooza nti, “Bambi, nkwagaliza emikisa. Ow’oluganda, nja kukuwagira.” Ky’ekyo. “Balo bw’oba omussaamu ekitiibwa ekyenkanidde awo, ndi mwetegefu

okukwegattako nkuwagire mu ekyo." Ky'ekyo. Twetaaga abakazi bangi abali nga oyo ensangi zino, wamu n'abasajja bangi abalowooza ku bakyala baabwe bwe batyo. Ky'ekyo. Amerika yandibadde nnungi okusingako bw'eri ssinga abaami n'abakyala babeera n'enkolagana ennungi bw'etyo. Oba mutuufu oba mukyamu, munywerereko. Tewandibaddewo kwawukana kungi mu bufumbo.

65 Kale ne tu—ne tugenda e . . . Oluvannyuma ne nneeyongerayo. Kati mba nzirayo ewange, waaliwo ekintu ekyewuunyisa, mba mpita mu Mishawaka. Ne ndaba obu—obumotoka obukadde, nga busimbiddwa ku mabbali g'ekkubo, obuyitibwa . . . nga buliko ebipande ebinene ebiwandiikiddwako nti, "Yesu Yekka." Ne nnebuuza nti, "Kitegeeza ki ekyo . . . 'Yesu Yekka,' kiteekwa okuba nga kyekuusa ku bya ddiini." Ne nzira ku ludda luli ŋŋenda okulaba nga ne ku bugaali nakwo kwekiri nti, "Yesu Yekka." Zi Cadillac, zi Model T-Ford, n'endala zonna, "Yesu Yekka" nga kye kiriko. Ne nneebuuza muli nti, "Oba, ekyo kiki?"

66 Kwe kuzirondoola; ŋŋenda okukizuula, nga lukuŋŋaana lwa ddiini, lwalimu abantu wakati w'olukumi mu ebitaano n'enkumi bbiri. Ne mpulirayo okuleekaana n'okubuukabuuka, n'ebirala bwe bityo. Ne ndowooza muli nti, "Kyogereko, wano ndowooza we nja okulabira abatukuvu abeevulunga kye bali."

67 Kati nnalina emmotoka yange ey'ekika kya Ford enkaddekadde, omanyi, gye nnali nagambanga nti edduka mayiro asatu buli ssaawa, kkumi na ttaano *amagenda* ne kkumi na ttaano *amadda*. Kye nnava ngisimba ku mabbali, ne . . . bwe nnafuna aw'okugisimba, ne ntambuza bigere okuddayo ku luguudo. Ne nnyingira, ne mmagamaga, nga buli asobola okuyimirira ayimiridde. Nga nnina kulengerera waggulu wa mitwe gyabwe. Nga baleekaana, babuukabuuka, bwe bagwa wansi, bwe bawoggana. Ne nsamaalirira nti, "Wuuu, hmm, bano bantu ba ngeri ki!"

68 Naye gye nneeyongera okulwawo, gye nneeyongera n'okuwulira obulungi. Ne ndowooza muli nti, "Bino nno birabika birungi." Ne ndowooza nti, "Bano abantu tebaliiko kikyamu n'akatono. Ssi bazoole." Ne njogerako n'abamu ku bo, okukizuula nga bantu—bantu balungi. Kale ne ŋŋamba . . .

69 Kati, nno, olwo lwe lukuŋŋaana lwennyini lwe nnafuluma ne nsula ebweru ekiro ekyo kyonna, ate enkeera ne nzirayo ne nnyingira. Ebyo mwali mumpuliddeko nga mbinyumya mu byafaayo by'obulamu bwange. Gye nnali ku kituuti n'abaweereza nga kikumi mu ataano, oba bibiri, n'omusobyo, ne basaba buli omu asituke ayogere gy'ava. Nze ne ŋŋamba nti, "Nze Omubuulizi w'enjiri Willliam Branham, nviira Jeffersonville," ne ntuula, "ndi Mubaputisiti," bwentyo, ne ntuula wansi. N'abalala buli omu n'ayogera gy'ava.

70 Kale enkeera bwe nnayingiramu. . . Ekiro ekyo kyonna nnasula mu musiri, nga empale yange nnagizingidde wakati w'emitto gya Ford gyombi, omanyi, era nna—nna . . . empale nga ya lumoolo nkadde, n'omujoozi, nga bw'omanyi. Kati enkeera ne ŋŋenda mu lukuŋŋaana, nga nnyambadde omujoozi gwange. Nnali ŋŋenze . . .

71 Nnali nsigazza ddoola ssatu zokka, ate nga nnina okugula amafuta agamala okunzizaayo eka. Kale na—nnafunayo ku bugaati, obwali buyiseeko ennaku, nga bwe mumanyi, naye nnali bulungi. Ne ŋŋenda awali omudumu gw'amazzi, ne nfunayo eggiraasi y'amazzi, nga bw'omanyi, era bwali bulungi ddala. Kale ne mbukozaako mu mazzi, ne nneeriira eky'enkya.

72 Kati, nnali nsobola okulya nabo, kuba, baalyanga emirundi ebiri buli lunaku. Naye nnali ssirina kya kuteeka mu kiweebwayo, kale ne ssaagala—ne ssaagala kulya mmere yaabwe nga ssirina kye mpaddeyo.

73 Kale nno, kale ne—ne ŋŋendayo ku makya ago, ne bagamba nti. . . Kano akatundu nteekwa okukoogera. Nnayingira munda ku makya ago, ne bagamba nti, "Tunoonya William Branham, omuvubuka omubuulizi w'enjiri eyabadde wano ku kituuti eggulo, Omubaputisiti." Ne bagamba nti, "Twagala y'aba abuulira obubaka enkya ya leero." Ne ndaba nga kijja kunkaluubirira, abantu ab'ekika ekyo, nga ate nze ndi Mubaputisiti. Kale ne nneekukuma we nnali ntudde. Nnali nnyambadde empale ya lumoolo n'omujoozi; omanyi, ate nga abaweereza ewaffe twayambalanga byambalo bya babuulizi ebitongole, kale . . . Kale ne mbulira mu katebe bwenti. Bw'atyo n'abuuza emirundi nga ebiri oba esatu. Nnali ntudde kumpi n'ow'oluganda omuddugavu.

74 Era ensonga lwaki olukuŋŋaana lwabwe baali balutegekedde mu Bukiikakkono, lwa kuba mu Bukiikaddyo waaliyo okusosola mu langi. Kale nga tebasobola kuluteeka mu Bukiikaddyo.

75 Kati nnali nneebuuza kino ekya "Yesu Yekka" kye kyali kitegeeza. Naye ne ndowooza muli nti, "Owaaye kasita biba nga bya Yesu, tewali kabi. N'olw'ekyo si kikulu oba . . . oba kiri kitya, kasita kiba nga kikwata ku Ye."

76 Kale ne ntuula ne mbeetegereza, era ne baddamu ne bayita emirundi emirala nga ebiri oba esatu. Kati ow'oluganda ono omuddugavu kwe kunkyukira, n'agamba nti, "Omumanyi?" Ne—ne—ne . . . Awo nno ne gammyuuka. Nga ssiyinza kulimba musajja, nga ssaagala kukikola.

Ne ŋŋamba nti, "Labayo, ow'oluganda. Weewaawo, mmumanyi."

N'agamba nti, "Kati nno, genda omuleete."

77 Ne ŋŋamba nti, "Kale, ka—ka nkubuulire, ow'oluganda," ne ŋŋamba nti, "Ye nze. Naye, olaba," ne ŋŋamba nti, "labayo, e . . . empale eno eya lumoolo."

"Genda mu maaso."

78 Ne ŋŋamba nti, "Nedda, ssisobola kugenda mu maaso," ne ŋŋamba nti, "nga ndi mu eno empale, bwenti, ne kano akajoozi."

N'aŋŋamba nti, "Bano abantu tebafa ku nnyambala yo."

79 Ne ŋŋamba nti, "Kale, kati labayo, ggwe sirika. Owulidde?" Ne ŋŋamba nti, "Labayo, empale gye nnyambadde ya lumoolo, ssaagala kugenda mu maaso eri."

Ne babuuza nti, "Waliwo amanyi William Branham w'ali?"

N'agamba nti, "Wuuno wano! Wuuno wano!"

80 Ha, bannange! Amaaso ne gammyuuka, nga bw'omanyi; nga ssisibye na ttaayi, nga bw'omanyi; nnyambadde akajoozi kano akakadde, nga bw'omanyi, n'obukono bwako obumpi bwe buti. Ne ŋŋenda mu maaso bwentyo, nga amatu gambabuukirira. Nnali ssoogererangako ku kazindaalo.

81 Kale bwe nnatuuka mu maaso okubuulira, ne nsoma ekitundu, kye ssiryerabira ekigamba nti, "Omugagga n'ayimusa amaaso ge nga ali mu ggeyeena, n'akaaba." Ntera, emirundi mingi, okubuulira emitwe egy'obugambo obusatu bwe gityo nga, "Mujje, mulabe omusajja," "Ggwe okikkiriza ekyo?" oba "Awo n'akaaba." Nnabuuliranga ŋŋamba nti, "Nga teriiyo bimuli, n'akaaba. Nga teriiyo nkuŋŋaana za kusaba, n'akaaba. Nga teriiyo baana, n'akaaba. Nga teriiyo nnyimba, n'akaaba." Nange ne nkaaba.

82 Oluvannyuma nga byonna biwedde, awo, bannange, ba . . . bonna ne banneetooloola, nga baagala ŋŋende mbakubire enkuŋŋaana ewaabwe. Ne ndowooza muli nti, "Kyogereko, nange nnandiba nga ndi mutukuvu eyeevulunga!" Olaba? Kale ne ndowooza nti, "Oba oli awo . . . " Mulabeeyo, baali bantu balungi nnyo.

83 Ne nfuluma wabweru. Omusajja eyali ayambadde engatto z'ekikaawobooyi, n'enkoofiira ennene ey'ekikaawobooyi, ne mmubuuza nti, "Ggwe ani?"

N'addamu nti, "Nze Mukadde *Gundi* okuva mu Texas."

Muli ne ndowooza nti, "Ee, afaananyeemu nga . . . "

84 Omulala n'ajja nga ayambadde zino empale ez'edda ezisibira mu ntumbwe, omanyi, ze baazannyirangamu omuzannyo gwa ggoofu, nga ayambaliddeko n'omujoozi ogwakulamu nga essweeta. N'agamba nti, "Nze Levulandi *Gundi* okuva mu Florida. Oyinza okujja ewaffe n'okubayo . . . "

85 Muli ne ndowooza nti, "Wano ndi mu bantu bange kaakati, muvubuka, mu mpale yange eno eya lumoolo n'omujoozi. Wano mmalirawo."

86 Kale, ebintu ebyo mubiwuliddeko mu byafaayo by'obulamu bwange, kale ŋŋenda kukoma awo ate mbabuulireyo kye mbadde ssibabuuliranga. Ekisooka, njagala mbasabe . . . Mbadde ŋŋenda kukiyitako. Ssikyogerangako mu lujjudde, obulamu bwange bwonna. Bwe muba munsuubiza nti munjagala era nga mujja kugezaako okusigala nga mukyanjagala nga bwe mubadde munjagala nga ssinnakyogera, muyimuse emikono gyammwe. Kale. Ekyo mmwe mukisuubizza, kale bwe mutaakikole nnaabalumiriza.

87 Nga ntudde mu lukuŋŋaana ekiro ekyo, bwe baayimbanga ennyimba zaabwe baakubanga ne mu ngalo. Era baayimbanga, "Mma . . . " Akayimba ako akagamba nti, "Mmanyi nga gwali Musaayi. Mmanyi nga gwali Musaayi." Nga bwe badduka mu nkuubo bava muno bwe badda muli, na buli kimu, nga baleekaana bwe batendereza Mukama. Nnalowooza muli nti, "Ekyo kinnyumidde nnyo okuwulira." Ne ntandika oku . . .

88 Buli kaseera baaberanga bajuliza Ebikolwa by'Abatume, Ebikolwa by'Abatume 2:4, Ebikolwa by'Abatume 2:38, Ebikolwa by'Abatume 10:49, byonna ebyo. Ne ndowooza muli nti, "Ky'ogamba, ebyo biri mu Byawandiikibwa! Mbadde ssibirabanga mu ngeri bw'eti." Naye nga, ha, omutima gwange nga gubuguumiriddde, nga muli ŋŋamba nti, "Kino nga kirungi nnyo!" Nga nnaakabasisinkana nnasooka kulowooza nti kibinja ky'abatukuvu abeevulunga, naye oluvannyuma ne ŋŋamba muli nti, "Ha, bannange! Nkizudde bano bamalayika." Olaba, nnakyusizaawo endowooza yange amangu ago.

89 Kati enkeera Mukama bwe yampa akakisa ako ak'okugenda okukuba enkuŋŋaana ezo zonna, ne ndowooza muli nti, "Ha, bannange, nnina okukolagana n'abantu bano! Bano bateekwa okuba nga be bali be baayitanga 'Abamesodisiti abaleekaanyi.' Nga baasukkawo busussi ku kiri," nga bwe ntyo bwe ndowooza. "Oba oli awo ky'ekyo." Kale ne ndowooza nti, "Weewaawo, ddala . . . mazima gennyini ekyo nkyagala. Ha, waliwo kye balina kye njagala, bawombeefu ate balungi."

90 Kati ekintu kimu ekyannema okutegeera kye ky'okwogera mu nnimi, ekyo kyo kyankaluubirira. Era ne . . . Waaliwo omusajja omu, tugambe, nga atudde nga *wano* n'omulala nga atudde nga *wano*, era ababiri abo be baali bakulembera ekibinja. *Ono* nga asituka n'ayogera mu nnimi, *ono* omulala n'azivvuunula n'ayogera ebintu ebikwata ku lukuŋŋaana n'ebirala. Ne ndowooza muli nti, "Abaffe, hwyu, ekyo nteekwa okukisomako!" Ate oluvannyuma nga bawaanyisiganya, nga zigwa ku *ono* ate ne zidda ku *oli*; buli omu nga ayogera mu nnimi, ate n'avvuunula. Abalala abasigadde mu kkanisa nabo baayogeranga, naye nga okuvvuunula tekujja nga bwe kyali ku basajja bano ababiri. Kati, ne ndaba nga n'okutuula baliraaniganye, kwe kulowooza muli nti, "Ha, bannange, bano

bateekwa kuba Bamalayika!" Kale nno mba ntudde emabega eyo . . .

91 Kyonna kye kyali (omanyi) nange ssaasobolanga kukitegeera, kyanzikangako bussi Ekyo. Kale nnina engeri gye mmanyaamu ebintu ssinga Mukama aba ayagadde mbimanye, omanyi. Era ssi . . . Ye nsonga lwaki ŋŋambye nti kino ssikyogerangako, mu lujjudde. Bwe mbaako ekintu kyonna kye njagala okumanya, Mukama atera okuntegeeza ku bintu bino. Ekirabo kiriwo lwa nsonga eyo, olaba. Kale ekyo toyinza kumala gakyasanguza mu bantu, kiba kifaananako nga okukasukira embizzi luulu zo. Kintu kya kitiibwa, kintu kitukuvu, era tewandyagadde kukola bw'otyo. Kale, Katonda yandibadde akinvunaana. Ne mu kwogeranga n'ab'oluganda n'abalala, ssandyagadde kugezaako kunoonyereza kikyamu ku waaluganda.

92 Lumu nnali ntudde n'omusajja ku mmeeza, nga anneebunguluzza omukono gwe, n'aŋŋamba nti, "Ha, Ow'oluganda Branham, nkwagala." Ne mbeera nga mpulira ekintu ekitambula. Ne mmutunuulira. Ekyo teyandikiŋŋambye; kubanga nnali mmanyi nti tanjagala, olaba, kubanga nnali nkiraba. Yali munnanfuusi yennyini, bwe waba waali wabaddeyo munnanfuusi yenna, olaba, kyokka nga ali awo anneebunguluzza omukono gwe.

93 Ne ŋŋamba nti, "Weewaawo, kale," ne nvaawo. Ebyo ssaagala kubimanya. Njagala waakiri mmumanye nga bwe mbadde mmumanyi bulijjo, nga muganda wange, biri mbyesonyiwe. Leka Katonda y'aba akola ebisigadde. Olaba? Era ssaagala ku . . . ssimanyi, ebyo ssaagala kubimanya.

94 Era emirundi mingi ku bintu bino, tebibeerawo wano mu kkanisa. Nnyinza okuba nga ntudde mu kisenge, oba nga ntudde mu wooteeri, Omwoyo Omutukuvu n'ambuulira ebinaabaawo. Wano waliwo abakimanyi nti ekyo ddala bwe kiri. Nnyinza okuba nga ndi waka ne ŋŋamba nti, "Kati, mweetegereze, waliwo emmotoka egenda okujja nga wayiseewo akaseera katono. Ajja kuba *gundi*. Mumukkirize ayingire, kubanga Mukama agambye nti wa kujja wano." "Bwe tunaaba tutambula mu kkubo, ebintu *bwe biti* bijja kubaawo. Weegendereze nga otuuse awasalirwa ekkubo, kubanga ojja kuwonera watono okutomerwa ekidduka." Mulabe oba tekiba bwe kityo, olaba, buli mulundi, kituukiririra ddala! Kale oba toyagala kweteeka nnyo kiyitiridde mu mbeera bw'etyo buli kaseera, kubanga oyinza oku . . . Ki—ki . . . Oyinza okukikozesa, kubanga kirabo kya Katonda, naye oteekwa okwegendereza biki by'okikozesa. Ojja kuba ovunaanyizibwa eri Katonda.

95 Laba Musa. Musa yali musajja eyatumibwa Katonda. Ekyo mukikkiriza? Nga yateekerwateekerwa, nga kyamutegekerwa, okubeera nnabbi! Kati Katonda n'amutuma, n'amugamba

nti, “Genda oyogere eri olwazi,” nga lumaze okukubwa. N’amugamba nti, “Genda oyogere eri olwazi, lujja kuvaamu amazzi gaalwo.”

96 Naye Musa, nga asunguwadde, yagenda olwazi n’akuba lukube. Amazzi ne gatajja, n’addamu n’alukuba, n’agamba nti, “Bajeemu mmwe! Ddala tusaanye okubawa amazzi okuva mu lwazi luno?”

97 Mulaba Katonda kye yakola? Amazzi go gajja, naye n’agamba nti, “Jangukko waggulu eno, Musa.” Awo we kyakoma, olaba. Ebintu ebyo osaanidde okubyegendereza, oleme ku. . . engeri gy’okozesaamu ebirabo bya Katonda.

98 Kiringa bw’olaba omubuulizi, omubuulizi omulungi abuuliza amaanyi, n’agenda n’abuulira nga anoonya kufuna bufunyi biweebwayo na ssente, ekyo Katonda ajja kukimuvunaana. Ky’ekyo. Oteekwa okwegendereza engeri gy’okozesaamu ebirabo bya Katonda. Oba, tugambe n’agezaako okwenoonyeza ettutumu oba erinnya ly’ekkanisa ery’amaanyi, oba okwekolera erinnya nga ye. Waakiri mbeera n’olukuŋŋaana lwa nnaku nga bbiri oba ssatu oluvannyuma ne njolekera awalala, naye ne nsigala nga ndi muwombeefu. Mutegeera kye ntegeeza. Yee, ssebo, bulijjo kuuma ekifo kyo Katonda w’ayinza okukukozeseza amangu n’omukono Gwe.

Buno Bulamu bwa munda kati, ky’oba ojjukira.

99 Kale nno ku olwo, nnalowooza nti, “Naye, leero ŋŋenda kubatuukirira.” Abantu bali baali banneewuunyisizza nnyo, ne ndowooza muli nti, “Njagala kumanya ebikwata ku basajja abo.” Kale ne mbanoonya ebweru mu lujja wonna nga olukuŋŋaana luwedde. Ne mmagamaga. Omu ku bo ne mmulaba, ne mmubuuza nti, “Ogamba otya, ssebo?”

100 N’addamu nti, “Ggwe ogamba otya!” N’ambuuza nti, “Ggwe mubuulizi omuvubuka abuulidde enkya ya leero?”

Ne ŋŋamba. . .Nnalina emyaka abiri mu esatu mu kiseera ekyo. Ne ŋŋamba nti, “Yee, ssebo.”

N’ambuuza nti, “Wagambye ggwe ani?”

Ko nze nti, “Branham.” Nange ne mmubuuza nti, “Ate ggwe?”

101 Naye n’ambuulira erinnya lye. Ne ndowooza muli nti, “Kale, kati, ssinga nfuna bwe nkwatagana n’omwoyo gwe.” Nga nkikola ssimanyi na kumanya kiki kye kiri. Ne ŋŋamba nti, “Weewaawo, nkubuulire, ssebo,” ne ŋŋamba nti, “bantu mmwe mulina wano Ekintu nze kye ssirina.”

N’ambuuza nti, “Wali ofunye Omwoyo Omutukuvu kasookedde okkiriza?”

Ne nziramu nti, “Nze, ndi Mubaputisiti.”

102 N'agamba nti, "Naye wali ofunye Omwoyo Omutukuvu kasookedde okkiriza?"

103 Ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda, kaakati, oba kiki ky'otegeeza?" Ne ŋŋamba nti, "Kye—kye mulina nze ssinnakifuna, ekyo kyo nkimanyi!" Ne ŋŋamba nti, "Kubanga mulina Ekintu ekirabika okuba eky'amaanyi kale . . . "

N'ambuuza nti, "Wali oyogeddeko mu nnimi?"

Ko nze nti, "Nedda, ssebo."

N'aŋŋamba nti, "Leka nkubuulirirewo nga bukyali nti tofunanga Mwoyo Mutukuvu."

104 Ne ŋŋamba nti, "Weewaawo, bwe kiba . . . Bwe kiba nga ekyo kye kyetaagisa omuntu okusobola okufuna Omwoyo Omutukuvu, ddala ssimulina."

105 Kale n'agamba nti, "Bw'oba toyogerangako mu nnimi, kitegeeza tomulina."

106 Mu kwagala okugenda mu maaso n'emboozi ye bwentyo kwe kumubuuza nti, "Kaakati, wa gye nnyinza okumufunira?"

107 N'aŋŋamba nti, "Yingira awo mu kisenge otandike okunoonya Omwoyo Omutukuvu."

108 Ne mbeera nga mmwekaliriza amaaso, omanyi. Ye teyamanya kiki kye nnali nkola, naye ya . . . nnakimanya nti alina engeri gye yali awuliramu etaali ya bulijjo, kubanga ya . . . amaaso ge gaatandika okuba nga agatangaalirira nga bw'antunuulira. Era na . . . Naye yali Mukristaayo yennyini. Yali Mukristaayo, yennyini, kikumi ku kinnaakyo. Ky'ekyo. Kale, ne ndowooza muli nti, "Katonda yeebazibwe, kye Kino! Nni—nnina—nteekwa okubaako we nfuna akaagaanya ku wolutaali awo."

109 Ne nfuluma, ne mmagamaga, nga bwe ndowooza muli nti, "N'omusajja oli omulala nnina okumuzuula." Kale bwe nnamulaba, ne ntandika okwogera naye, ne mmubuuza nti, "Ogamba otya, ssebo?"

110 N'agamba nti, "Mbuulira, kkozi wagambye oli wa mu kkanisa ki?" N'agamba nti, "Mpulira nti oli Mubaputisiti."

Ne nziramu nti, "Yee."

N'agamba nti, "Tofunanga Mwoyo Mutukuvu, wali omufunye?"

Ne nziramu nti, "Munnange, ssimanyi."

N'ambuuza nti, "Wali oyogeddeko mu nnimi?"

Ko nze nti, "Nedda, ssebo."

N'agamba nti, "Tomulina."

111 Ne ŋŋamba nti, "Mmanyi nti, ssinnafuna kino mwenna kye mulina. Nkimanyi ekyo." Ne ŋŋamba nti, "Naye, muganda wange, Ekyo nkyetaagira ddala."

N'agamba nti, "Kati nno, ekidiba kiikiri—kiikiri, kijjude amazzi."

112 Ne ŋŋamba nti, "Nnabatizibwa dda. Wabula," ne ŋŋamba nti, "Si—ssinaba kufuna kino mmwenna kye mulina." Ne ŋŋamba nti, "Mulina ekintu kye nnee—kye nneetaagira ddala."

N'agamba nti, "Kale, kirungi."

113 Nnali ngezaako kumufuna, olaba. Era ssinga nna . . . Bwe nnamala okukwatagana n'omwoyo gwe, kati, ono ye musajja oli omulala, bwe mba nnali njogeddeko ne munnanfuusi awedde emirimu, ono ddala ye yali omu ku bo. Yali abeera . . . Mukyala we yali wa nviiri nzirugavu, kyokka yalina n'omulala ow'enviiri eza kyenvu gwe yazaalamu abaana babiri. Nga munywi wa mwenge, muvumi, agenda mu bbaala, na buli wamu, kyokka bwe yali munda muli yali ayogera ennimi n'awa n'obunnabbi.

114 Ne ŋŋamba nti, "Mukama, nsonyiwa." Ne ŋŋenda eka. Ky'ekyo. Nnagamba bugambi nti, "Ka nfune bufunyi . . . Ssikitegeera. Kyandabikidde nga nti yabadde Mwoyo Mutukuvu nga y'akka, naye ate, ne ku munnanfuusi oyo." Ne ŋŋamba nti, "Tekisoboka! Ky'ekyo kyokka."

115 Kati mu kiseera ekyo kyonna, nga bwe nsoma okwetegereza nga bwe nkaaba, nnalowooza nti oba oli awo bwe nnaafuluma ebweru ne mbasisinkana nnaasobola okutegeera byonna ebikwata ku nsonga eno. Naye ono omu, yali Mukristaayo yennyini; ate omulala nga, munnanfuusi yennyini. Ne nneebuuza nti, "Naye kisoboka kitya? Ha," ne ŋŋamba nti, "Ayi Katonda, osanga—osanga nze ndiko ekikyamu." Nga bwe ndi mukkiriza eyeesigama ennyo ku nnono z'ebyawandiikibwa, ne ŋŋamba nti, "Ekyo ki . . . nnina kusooka kukiraba mu Bayibuli. Kiteekwa okubaamu."

116 Nze nga bwe ndaba, buli kintu ekikola kiteekwa kuba nga kiva mu Bayibuli eno oba si ekyo kiba kikyamu. Kiteekwa kuva Muno. Kiteekwa okuba nga kikakasibwa mu Bayibuli, si mu kifo kimu kyokka, naye kirina okuba mu Bayibuli wonna. Nnina okukikkiriza. Kirina okukwatagana n'okukkiriziganya na buli Kyawandiikibwa bwe kitaba ekyo ssiyinza kukikkiriza. Ate, kubanga Pawulo yagamba nti, "Ne bw'aba malayika okuva mu Ggulu nga y'azze, naye nga abuulira enjiri endala yonna, akolimirwe." N'olw'ekyo Bayibuli gye nzikiriza.

Kale ne ŋŋamba nti, "Nze mu Bayibuli ssirabamu kintu nga ekyo."

117 Nga wayiseewo emyaka ebiri, nga mmaze n'okufiirwa mukyala wange n'ebirala byonna ebyaliwo, nnali ngulu eri ku Green's Mill, mu kafo kange engulu eri, nga nsaba. Nnali eyo mu mpuku yange nga mmazeeyo ennaku nga bbiri oba ssatu, zaali ennaku bbiri. Ne nfulumako ebweru nfune ku mpewo, nfune ku kawewo. Bwe nnafuluma, Bayibuli yange nnali ngitadde ku ndoddo y'omuti w'ekoma awo ku mugguukiriro

gw'empuku. Waaliwo omuti ogwali gwasuulibwa kibuyaga, ogwaliko amatabi we gaawukanira. Kati, o . . . Gwaliko ettabi we lyaawukanira bwe *liti*, nga endoddo yaagwo egalamidde awo. Era nnatuulaanga awo ne nneesigama endoddo eyo, ne ngalamira awo ekiro kyonna, nga bwe ntunuulira obwengula bwentyo, nga omukono gwange nguwanise *bwenti*, oluusi n'otulo twantwalanga nga ngalamidde awo ku ndoddo bwentyo, nsaba. Nnabeerangayo okumala ennaku eziwerako, nga ssirya wadde okunywa, wabula nga ndi eyo mu kusaba kwokka. Kale nnafulumako ebweru okuva mu mpuku eyo, akawewo kanfuuweko; wabweru waali waweweevu, ate nga munda mwonna mutoberedde.

118 Kati bwe nnafulumayo Bayibuli yange ne ngiteeka wennyini we nnali nnagitadde eggulolimu, ne yeebikkula yokka mu Abaebbulaniya, essuula ey'o 6. Ne ntandika okusomawo nga wagamba nti, "Kale leka tuleke . . . ku . . . tweyongereyo mu kutuukirira, obutateekawo mulundi gwa kubiri musingi gwa kwenenya n'ebikolwa ebifu n'okukkiriza eri Katonda," n'ebirala. "Kubanga tekiyinzika eri abo abaamala okwakirwa, ne bagabana ku kirabo eky'omu ggulu, n'okuyitibwa," n'ebirala bwe bityo. Naye ne wagamba nti, "Wabula amaggwa n'omwennyango ebirindiridde okugaanibwa, enkomerero yaabyo . . . amazzi . . . enkuba etonnya ku nsi okugifukirira n'okugiteekateekera ebyo ebi—ebyo ebirinze okugaanibwa, wamu n'amaggwa n'omwennyango, nga enkomerero yabyo kwokebwa."

Awo Ekintu ne kigira be, "Whooooossssh!"

119 Ne ndowooza muli nti, "Kiikino Kizze. Kaakano leka mpulire kyonna ky'A . . . Anzuukusizza n'andeeta wano, Anaatera okundaga okwolesebwa kaakano." Ne mbeera awo endoddo w'ekoma, ne nninda. Ne nsituka ne ntambulatambula, nga bwe nzira eno n'eri. Ne nkomawo, nga tewali kintu kyonna. Ne nzirayo mu mpuku yange era, ne watabaawo kintu kyonna. Ne nnyimirira awo, ne nneebuuza nti, "Naye, kiki kino?"

120 Ne nzirayo awaali Bayibuli yange nate era, awo ha, ne kiddamu ne kinzikako nate. Ne ngitoolawo, ne nneebuuza nti, "Kiki ekirimu ky'Ayagala nsome?" Ne nneeyongera okusoma okuva awo ku "kwenenya eri Katonda, n'okukkiriza," n'ebirala bwe bityo, ne nsomera ddala okutuuka wansi awagamba nti, "Enkuba bulijjo etonnya ku nsi okugiteekerateekera ekyo ekyagitegekerwa, wano, wabula amaggwa n'omwennyango ebyo bye birindiridde okugaanibwa ebirikomekkereza nga byokeddwa." Era, ha, Ekyo mu butuufu kyankuba encukwe!

121 Ne ndowooza muli nti, "Mukama, Ogenda kumpa kwolesebwa okw'e . . . " Nnali ŋŋenzeeyo kumubuuza ku nsonga ndala.

122 Amangu ago, mu maaso gange, ne ndaba ensi nga yeetooloola, nga yonna erimiddwa. Ne wajja omusajja nga ayambadde ebyeru, nga atunudde waggulu, nga agenda asiga Ensigo bw'ati. Kati bwe yabulirayo, ne wajja, nga ono bw'abulirayo enzivuunuko, ne wajja omusajja omulala nga amuvaako emabega, nga ayambadde biddugavu, nga atunudde wansi, bw'asiga ensigo. Ensigo ennungi bwe zaamera, yali ŋŋaano ennungi; ate ensigo embi bwe zaamera, byali biddo bya mu nsiko.

123 Awo ne waba ekyeya eky'amaanyi ku nsi, eŋŋaano ennungi n'ekoteka emitwe, nga enaatera n'okukala, olw'ebbula ly'amazzi. Ne ndaba abantu bonna nga bawanise emikono gyabwe, basaba Katonda asindike enkuba. Ne ndaba n'omuddo, nga nagwo gukotese emitwe, gusaba amazzi. Amangu ago ebire ebinene ne birabika enkuba n'efukumuka. Bwe yatonnya, eŋŋaano eyali ekutamye yonna ne yeegolola be, "Huushi," ne yeesimba butengerera. N'omuddo ogwali awamu nayo nagwo ne gwegolola be, "Huushi," nagwo ne gwesimba.

Muli ne nneebuuza nti, "Abaffe, kiki ekyo?"

124 Awo ne kiryoka Kinzigira. Kiikyo. Enkuba y'emu ekuza eŋŋaano, y'emu ekuza n'omuddo. Era Omwoyo Omutukuvu y'omu asobola okukka mu bantu, n'Awa omunnanfuusi omukisa mu ngeri y'emu gy'Awaamu n'omulala omukisa. Yesu yagamba nti, "Mulibalabira ku bibala byabwe." Si ku lwakuba nti aleekaana, oba asanyuka, naye "ku bibala bye kwe mulimulabira."

125 Ne ŋŋamba nti, "Ky'ekyo!" "Nkifunye, Mukama." Ne ŋŋamba nti, "Ago Mazima gennyini." Omusajja ono . . . Osobola okuba n'ebirabo naye nga tomanyi Katonda.

126 Olwo nno na—nnali ebiseera ebyo nkolokota nnyo eby'okwogera mu nnimi, omanyi. Naye kati, lwali lumu, Katonda ekyo n'akinkakasiza ddala!

127 Nnali mbatiza emmanga ku mugga, abakkiriza be nnasooka okufuna, ku Mugga Ohio, nga mbatiza ow'ekkumi n'omusanvu, mba ntandika okubatiza bwenti, ne ŋŋamba nti, "Kitange, nga mmubatiza n'amazzi, Ggwe mubatize n'Omwoyo Omutukuvu." Ne ntandika oku—okumunnyika mu mazzi.

128 Amangu ago ne wajja okuwuuma nga kuva waggulu mu bbanga, Ekitangaala kiri ne kikka wansi, nga kyakayakana. Nga waliwo abantu bikumi na bikumi ku lubalama, ku ssaawa munaana zennyini ez'emisana, mu mwezi gw'Omukaaga. Ne Kiyimirira waggulu wennyini we nnali. Eddoboozi ne likivaamu, nga ligamba nti, "Nga Yokaana Omubatiza bwe yatumibwa okukulembera okujja kwa Kristo okw'omulundi ogwasooka, naawe olina o . . . olina Obubaka obunaakulembera Okujja kwa Kristo okw'omulundi ogw'Okubiri." Era kaabula kata nfe ensisi.

129 Ne nzirayo, n'abantu bonna abaali awo, aba—abaweesi n'abalala, abatabuzi b'eddagala, n'abalala bonna abaali ku lubalama lw'omugga. Nnali mbatizza abantu nga bibiri oba bisatu olw'eggulo olwo. Bwe banzigyaamu, bwe banzigya mu mazzi, abadiikoni n'abalala ne bajja, ne bambuuza, nga bagamba nti, "Ekyo Ekitangaala kibadde kitegeeza ki?"

130 Ekibiina kinene eky'abaddugavu ab'omu kkanisa eyi—eyitibwa Gilt Edge Baptist n'ekkanisa eyitibwa Lone Star emmanga eyo, n'abalala bangi ku abo abaaliyo emmanga eyo, baatandika okuleekaana bwe baalaba nga ekyo kibaawo, abantu ne bazirika.

131 Omuwala gwe nnali ngezezaako okugamba ave mu kaato, eyali atudde ku mabbali awo nga ayambadde akagoye akawugirwamu, nga musomesa wa Ssande sukuulu mu kkanisa emu, nnali nnamugambye nti, "Margie, osobola okuvaawo?"

N'anziramu nti, "Billy, tekinneetaagisa kuvaawo."

132 Ne ŋŋamba nti, "Weewaawo, teweetaaga kuvaawo, naye ssinga mbadde ggwe Enjiri nnandingisizzaamu ekitiibwa ekimala n'ova we mbatiriza."

N'agamba nti, "Tekinneetaagisa."

133 Yali akyatudde awo, atema obukule nga bw'ansekerera nga mbatiza, kubanga ye yali takkiririza mu kubatiza, naye Malayika wa Mukama bwe yakka omuwala oyo yagwa mu lyato nga yeevuunise. Olwa leero omuwala oyo ali mu ddwaliro lya batabufu ba mitwe. Kale toyinza kumala gajooga Katonda. Mukiraba? Kati, oluvannyumako . . . Yali muwala eyali alabika obulungi, naye n'atandika okunywa omwenge, ne bamukuba eccupa, e—eccupa y'omwenge, n'emusala yenna mu maaso. Ha, kati muntu alabika mu ngeri ey'entiisa! Kale ekyo ky'ekyabaawo.

134 Kale nno ebbanga lyonna mu bulamu bwange ebyo mbiraba, mbiraba nga bigenda mu maaso, ne ndaba okwolesebwa okwo, engeri ebintu ebyo gye biba bigenda okubaawo. Kati, nga wayiseewo akabanga, Kyagenda mu maaso nga kintawaanya nnyo, nga buli omu aŋŋamba nti Ekintu ekyo kikyamu. Kye nnakola kwe kugenda mu kafo kange gye nnagulubiranga, engulu eri gye nnasabiranga ne mpaguza. Era nnagiranga . . . Ekintu ekyo ne bwe nnakisabiranga okwenkana wa kireme kujja gyendi, era kyasigalanga Kijja. Kale nno nnali . . . Nnali—nnali mukuumi eyo gye bakuumira ebisolo eby'omu ttale mu Ssaza ly'e Indiana. Lumu bwe nnakomawo, waaliwo omusajja eyali atudde awo, muganda w'ow'oluganda ankubira ennanga ku kkanisa. N'agamba nti, "Billy, tunaagenda ffembi eri engulu mu Madison olwa leero olw'eggulo?"

Ne mmuddamu nti, "Ssijja kusobola, nnina okugenda mu kibira engulu eri."

135 Nnali...nnadda buzzi waka ne nneesumulula olukoba lwange, olukoba lw'emmundu n'ebirala, ne nfungiza emikono gy'essaati. Twabeeranga mu kayumba ka busenge bubiri, nnali ŋŋenda kunaaba ndyoke ndye emmere. Mba mmaze okunaaba ntambulatambula ku lusebenju, wansi w'e—w'etti eddene erya mmapo, awo Ekintu ne kigira be, "Whoooossssh!" Kaabula kata ngwe nzirike. Ne ntunula, ne mmanya nti era kye Kintu kiri.

136 Ne ntuula awo ku madaala, omusajja oli n'abuuka mu mmotoka n'adduka nga ajja gyendi, n'aŋŋamba nti, "Billy, ozirika?"

Kko nze nti, "Nedda, ssebo."

N'abuuza nti, "Mutawaana ki, Billy?"

137 Ne mmuddamu nti, "Ssimanyi." Ne ŋŋamba nti, "Kola by'obadde okola, ow'oluganda, tewali mutawaana. Weebale kufaayo."

138 Mukyala wange n'afuluma n'aleeta akasumbi k'amazzi, n'abuuza nti, "Mutawaana ki, mukwano?"

Kko nze nti, "Nedda mukwano, tewali mutawaana."

139 Kye yava aŋŋamba nti, "Kale nno jangu, eky'emisana kiyidde," n'anneebulunguluza omukono gwe, nga agezaako okunnyingiza.

140 Ne ŋŋamba nti, "Mukwano, wa—waliwo kye njagala okukubuulira." Ne ŋŋamba nti, "Abo bakubire essimu obagambe nti olw'eggulo lwa leero sijja kubeerayo." Ne ŋŋamba nti, "Mukwano, Meda," ne ŋŋamba nti, "Mu mutima gwange mmanyi nti njagala Yesu Kristo. Mmanyi nti nnava mu kufa ne nnyingira mu Bulamu. Wabula ssaagala Ssetaani kubaako na nkolagana yonna nange." Ne ŋŋamba nti, "Ssiyinza kweyongerayo bwenti; ndi musibe." Ne ŋŋamba nti, "Ebbanga lyonna, ekintu kino buli lwe kijja, n'ebirala bwe bityo, n'okwolesebwa kuno bwe kujja, n'ebirala ebifaanana bwe bityo. Oba, kyonna kye biri," ne ŋŋamba nti, "binzijira." Nnali ssimanyi na kumanya nti kwolesebwa. Ssaakuyita na kwolesebwa. Nnagamba nti, "Ebyo ebifaanana nga okulabikirwa," ne ŋŋamba nti, "Ssimanyi kye bitegeeza. Era, mukwano, sa—sa—sa—ssaagala kubyeriraanya, ba—baŋŋamba nti oyo ssetaani. Ate nga nze Mukama Yesu gwe njagala."

141 "O," bambi n'aŋŋamba nti, "Billy, tosaanye kuwuliriza bantu bye bakugamba."

142 Ne ŋŋamba nti, "Naye, mukwano, ggwe tunuulira ababuulizi abalala." Ne ŋŋamba nti, "Ssi—ssikyagala." Ne ŋŋamba nti, "Ŋŋenda mu kafo kange eri mu kibira. Nninawo ddoola kkumi na ttaano, labirira Billy." Billy mu kiseera ekyo yali muto, nga kalenzi katono. Ne mugamba nti, "Kwa—kwata... Ezo ggwe ne Billy ziijja kubamala okubabeezaawo, okumala akaseera. Bakubire obagambe nti nnyinza—nnyinza okudda

enkya, ate nnyinza obutaddira ddala. Mu nnaku ttaano bwe mba ssinnadda, mu kifo kyange bateekeewo omuntu omulala." Ne ŋŋamba nti, "Meda, ssigenda kuva mu kibira ekyo okutuusa nga Katonda ansuubizza nti agenda kunziggyako ekintu ekyo era aleme kukikkiriza kuddamu kubeerawo." Teebereza obutamanya omuntu bw'asobola okubeera nabwo!

143 Ne nnyambukayo ekiro ekyo. Ne nzirayo mu kayumba kali akakadde ak'ebibaawo, nga enkeera terunnatuuka; obudde bwali buyise. Olunaku olwali luddako nnali wa kugenda gye nnali nsiisira, waggulu ku . . . eri ewalako nga weetoolodde olusozi, manya akasozi, nnyingire eyo mu kibira. Ssikkiriza nti n'ab'ekitongole ekikessi ekya F.B.I. baalisobodde okunzuulayo waggulu eyo. Kale akayumba akakadde kano ak'ebibaawo . . . Olw'eggulo olwo lwonna nnali ndumaze mu kusaba nga obudde tebunnakwata nzikiza. Nnali nsaba, nga bwe nsoma mu Bayibuli awagamba nti, "Omwoyo wa bannabbi afugibwa nnabbi." Naye nga ssikitegeera. Enzikiza n'ekwatira ddala mu kayumba ako akakadde ak'ebibaawo.

144 Eyo gye nnateganga emitego nga nkyali mulenzi muto, nnayisangayo emitego erudda eyo, era nnagendangayo ne ndoba eby'ennyanja ne mmalayo ekiro kyonna. Kaali kayumba kakadde akaasensebuka, kaali kamazeewo emyaka egiwera. Wandiba nga waaliwo eyalinga akapangisa nga tekannayonooneka kutuuka awo.

145 Kale nnali—nnali awo nga nninze. Muli ne ndowooza nti, "Kale." Essaawa ne ziwera kumpi musanvu, munaana, mwenda nga obudde bukya, nga bwe ntambulatambula awo wonna, nga ntambula ate ne nzirayo gye nvudde. Ne ntuula awo ku kasituulu akakadde, aka . . . si kasituulu, kaali kabookisibookisi bwe katyo. Ne ntuula wansi awo, ne nneebuuza nti, "Ayi Katonda, lwaki onkola ebintu bino?" Ne ŋŋamba nti, "Kitange, Okimanyi nga nkwagala. Okimanyi nti nkwagala! Naye ssa—ssa—ssaagala ssetaani kumbeeramu. Ebintu ebyo sibyagala kumbeerako. Nkusaba, ayi Katonda, tobikkiriza kuddamu kuntuukako."

146 Ne ŋŋamba nti, "Nkwa—nkwagala. Ssaagala kugenda mu ggeyeena. Kigasa ki bwe mbuulira enjiri n'okugezaako, okufuba kwange kwonna, bwe mba nga ndi mukyamu? Ate nga sseewabya kugenda mu ggeyeena nzekka, wabula nga mpabya n'abalala bangi nkumi na nkumi." Manya, abalala bikumi, mu nnaku ezo. Ne ŋŋamba nti . . . Nnalina obuweereza bunene. Ne ŋŋamba nti, "Kale, ssa—ssaagala kiddemu kubeerawo mulundi mulala."

147 Ne ntuula wansi ku kasituulu kano. Nga ntudde butuuzi, ha, nga ntudde nga wano bwenti, *bwentyo*. Amangu ago, omulundi gumu, ne ndaba Ekitangaala nga kimyansa mu kisenge. Ne ndowooza nti oba oli awo waliwo omuntu ajja nga amulisa tooci. Ne mmagamaga, ne ndowooza nti, "Kale . . . " Ŋŋenda

okulaba nga ate Kiikino, kiri butereevu mu maaso gange. Wansi awo waaliwo ebibaawo ebikadde. Nga Kiri awo, mu maaso gange wennyini. Mu nsonda waaliwo sitoovu ey'amafuta enkadde, nga omutwe gwayo gwakutukako. Kati—kati nga munda *muno* mwennyini mulimu e—Ekitangaala wansi ku ttaka, ne nneebuuza nti, "Ate, ekyo kivudde wa? Kubanga, tekisobola kuba nga kivudde . . . "

148 Ne ntunula erudda n'erudda. Okugenda okulaba nga Kindi waggulu, Ekitangaala *kino* kyekimu, nga kindi waggulu wennyini, nga kinnengejjerako bwe *kityo*. Nga kyetooloolerwako nga omuliro, nga gwa langi nga ya nnawandagala, nga gugenda bwe gugira be, "Huushi, huushi, huushi!" bwe gutyo, waggulu waakyo wennyini, bwe kityo. Ne ntunuulira ekintu Ekyo. Ne nneebuuza muli nti, "Oba kiki Ekyo?" Kati, ne Kintiisa.

149 Ne mpulira omuntu ajja, [Ow'oluganda Branham ageegeenya omuntu atambula—Omuk.] nga atambula butambuzi, wabula, nga tayambadde ngatto. Ne ndaba ekigere ky'Omusajja nga ayingira. Mu kisenge mwalimu enzikiza, mwonna okuggyako wano wennyini awaali Ekyaka. Ne ndaba ekigere ky'Omusajja nga ayingira. Bwe Yayingira mu kisenge, n'atambula nga ajja, Yali Musajja . . . nga alabika aweza obuzito bwa kiro nga kyenda mu emu. Emikono gye nga Agizinze *bw'ati*. Kati, Oyo nnali nnamuwulirako mu Mbuyaga eyeebonga, nnali nnamuwulirako nga Ayogera gyendi, era nga mulabyeko mu ngeri y'Ekitangaala, naye guno gwe gwali omulundi gwe nnasookera ddala okulaba ekifaananyi Kye. Yatambula n'ajja gyendi, n'ansemberera ddala kumpi.

150 Mu butuufu, ab'emikwano, nna—nnalowooza nti omutima gwange gugenda kukutuka. Nna . . . Naawe kubamu akafaananyi! Weeteeke mu kifo kyange, naawe wandiwulidde mu ngeri y'emu. Oba oli awo oyinza okuba nga olugendo olutambuddeko kiwanvu okunsinga, oba oli awo oludde nga oli Mukristaayo okunsinga, naye era Ekyo kyandikuleetedde okuwulira bw'otyo. Kubanga n'oluvannyuma lw'okukyalirwa emirundi ebikumi n'ebikumi, era kinsannyalaza bw'Asembera okumpi. Waliwo n'oluusi lwe kindeetera . . . mba mbulako katono n'okuzirika, emirundi mingi we nviira ku kituuti mbeera munafu nnyo ddala. Bwe ndwawo ennyo, nzirikira ne mba nga ssikyategeererako ddala. Banvuzeeko ne banneetooloza okumala essaawa eziwerako, nga ssimanyi na wa gyendi. Ate ssiyinza kukinnyonnyola. Soma wano mu Bayibuli, eggya kukinnyonnyola, kiki kye kiri. Ekyawandiikibwa bwe kityo bwe kigamba!

151 Kale nnali ntudde awo nga mmutunuulidde Ye. Nga—nga omukono gwange guli waggulu bwe *guti*. Yali antunuulidde butereevu, n'essanyu. Wabula nga Alina Eddoboozi zzito, n'Agamba nti, "Totya, ntumiddwa okuva mu Maaso ga Katonda Omuyinza wa byonna." Era bwe Yayogera ati, Eddoboozi eryo,

lye Ddoboozi lye limu eryayogera nange nga ndi wa myaka ebiri, okutuusa mu bukulu. Nnakitegeera nti ye Ye. Ne ndowooza muli nti, "Kaakati . . . "

152 Kati muwulire kino. Muwulirize emboozi gye twanyumya. Ŋŋenda kugezaako okuginokolera ddala nga bwe yali, kigambo ku kigambo, nga bwe mmanyi, kubanga si kyangu kubijjukira bulungi.

153 Ya . . . Ne ŋŋamba . . . Nammutunuulira bwentyo. N'agamba nti, "Totya," mu ngeri ey'obukakkamu, n'agamba nti, "Ntumiddwa okuva mu Maaso ga Katonda Omuyinza wa byonna, okukutegeeza nti okuzaalibwa kwo okutali kwa bulijjo . . . " Nga bwe mumanyi ku bikwata ku ngeri gye nnazaalibwamu engulu eri. Bwe nnali nnaakazaalibwa Ekitangaala kyekimu ekyo kyannengejjerako. Kale n'Agamba nti, "Okuzaalibwa kwo okutali kwa bulijjo n'obulamu bwo obutategeerekeka bibadde bwe bityo okulaga nti oli wa kugenda mu nsi yonna osabire abalwadde." Era n'Agamba nti, "Si nsonga ka babe nga balwadde ki . . . " Bwatyo n'anokolayo. Katonda, nga Ye Mulamuzi wange, akimanyi. Nti, Yanokolayo "kookolo." N'agamba nti, "Tewali kintu kyonna . . . Bw'onaaleetera abantu okukukkiriza, era n'obeera mwesimbu mu kusaba kwo, tewali kijja kulemerawo oluvannyuma lw'essaala yo, k'abe kookolo." Olaba, "Bw'onaaleetera abantu okukukkiriza."

154 Awo ne nkiraba nti si mulabe wange, wabula Mukwano gwange. Kati ssaategeera oba—oba nnali nfa bufi oba kiki ekyantuukako mu kaseera ng'Ajja gyendi bw'atyo. Ne ŋŋamba nti, "Naye, Ssebo," ne ŋŋamba nti, "Ndi . . . " Nnali mmanyi ki ku by'okuwonyezebwa n'ebintu ebifaanana bwe bityo, ebirabo ebyo? Ne ŋŋamba nti, "Naye, Ssebo, nze . . . ndi—ndi musajja mwavu." Ne ŋŋamba nti, "Ntuula mu bantu bange. Mbeera—mbeera na bantu bange abaavu. Ssaasoma." Ne ŋŋamba nti, "Era ssi—ssi—ssisobola, tebayinza—tebayinza kuntegeera." Ne ŋŋamba nti, "Teba—tebayinza—tebayinza kumpuliriza."

155 Ye n'Agamba nti, "Nga Musa nnabbi bwe yaweebwa ebirabo bibiri, obubonero," manya, "okukakasa obuweereza bwe, naawe ogenda kuweebwa bubiri—naawe oweereddwa ebirabo bibiri okukakasa obuweereza bwo." N'agamba nti, "Ekimu ku byo kijja kuba nti onookwatanga ku mukono gw'omuntu gw'onaabeeranga osabira, nga okozesa omukono gwo ogwa kkono n'okwata ku gugwe ogwa ddyo," n'agamba nti, "awo osirike busirisi, era awo olulituuka . . . waliwo ekintu eky'enkukunala ekinaalabisibwanga ku mubiri gwo." N'agamba nti, "Olwo olyoke osabe. Bwe kinaavangawo, awo nga endwadde omuntu oyo emuvuddeko. Bwe kitavaawo, saba busabi omukisa oveewo."

"Naye," ne ŋŋamba nti, "Ssebo, ntya nti tebajja kunsembeza."

156 N'agamba nti, "Ekirala kijja kuba, ekyo bwe bataalikiwuliriza, kale baliwuliriza kino." N'agamba nti, "Awo olulituuka olimanya ebyama by'omu mitima gyabwe." N'agamba nti, "Kino kyo balikiwuliriza."

157 "Kale," ne ŋŋamba nti, "Ssebo, eyo ye nsonga lwaki ndi wano ekiro kino. Babuulizi bannnage baŋŋamba nti ebintu ebyo ebibadde binzigira bikyamu."

158 N'agamba nti, "Wazaalibwa mu nsi eno lwa kigendererwa ekyo." (Mulaba nti, "ebirabo n'okuyitibwa tebiriiko kusooka kwenenya.") N'agamba nti, "Ekyo kye kigendererwa lwaki wazaalibwa mu nsi muno."

159 Nze ne ŋŋamba nti, "Naye, Ssebo," ne ŋŋamba nti "ekyo, babuulizi bannange baŋŋamba nti, ogwo—ogwo mwoyo mubi." Ne ŋŋamba nti, "Ba . . . Ye nsonga lwaki ndi wano nsaba."

160 Era bye Yannokolera bye bino. Yajuliza gyendi ku bikwata ku kujja kwa Mukama waffe Yesu, okw'omulundi Gwe ogwasooka. Ne ŋŋamba . . .

161 Ekintu ekyali kyewuunyisa, ab'emikwano . . . Kati, leka ngira nnyimirirako wano akadakiika, tuddeyokko emabega. Ekyasinga okuntiisiza ddala, buli lwe nnasisinkananga omulaguzi, yasobolanga okukitegeera nti waliwo ekyantuukako. Era ekyo nga . . . kibula kunzita.

162 Eky'okulabirako, lumu twali tutambula ne bakizibwe bange tuyita mu—mu kisaawe omwali emizannyo nga egya ssaakaasi, twali balenzi ffekka, nga tutambula. Kati waaliwo omukazi omulaguzi eyali atudde awo mu emu ku zi weema ezaali awo, yali mukyala muto mu myaka, omukyala omuto alabika obulungi, nga atudde awo. Nga ffe tutambula, tuyitawo. N'agamba nti, "Owaaye, ggwe, jjangukko wano!" Abalenzi ffensatule ne tukyuka. N'agamba nti, "Ggwe ali mu ssweeta ey'ebikuubo." Oyo yali nze.

163 Ne nziramu nti, "Wangi, nnyabo?" Nga ndowooza nti oba oli awo ayagala kuntuma mmuleetereyo ka ssooda ka Kooka, oba ekintu ekirala kyonna. Yali mu—mukazi muto mu myaka, ndowooza nga yaakaweza emyaka nga abiri, oba awo bwe gityo, nga atudde awo. Ne ŋŋenda we yali, ne ŋŋamba nti, "Wangi, nnyabo, kiki kye wandyagadde nkukolere?"

164 N'agamba nti, "Kati, obadde okimanyi nti wa—waliwo Ekitangaala ekikulondoola? Wazaalibwa wansi w'akabonero ak'enjawulo."

Ne ŋŋamba nti, "Kiki ky'otegeeza?"

165 N'agamba nti, "Kati nno, wazaalibwa wansi w'akabonero ak'enjawulo. Waliwo Ekitangaala ekikulondoola. Wazaalibwa oliko okuyitibwa Okutukuvu."

Ne ŋŋamba nti, "Genda eri, mukazi ggwe!"

166 Ne ntanula okuvaawo, kubanga maama bulijjo yaŋŋambanga nti ebintu eby'engeri eyo bibeera bya ssetaani. Yali mutuufu. Kale . . . Ekyo kyantiisa.

167 Ate olulala bwe nnali nkyakuuma ekuumiro ly'ebisolo, nnakozesanga bbaasi okugendayo. Kale nnalinya bbaassi. Kirabikanga emyoyo egyo egyayanguwanga okundaba. Mba nnyimiridde omwo, waaliwo omulunnyanja eyali emabega wange. Nnali ŋŋenda kulawuna mu bibira, nga ŋŋenda ngulu eri mu kibira ekimanyiddwa nga Henryville Forest, nninye bbaasi. Ne mbeera nga nfuna enneewulira etali ya bulijjo. Ne magamaga, ŋŋenda okulaba nga waliwo o—omukazi omunene atudde awo, nga ayambadde bulungi. N'ambuuzaako nti, "Otya nno?"

Ne nziramu nti, "Otya nno!"

168 Nga ndowooza nti oba oli awo mukazi bukazi, omanyi, ayogera bwogezi, kale ne mbyeviirako . . . N'agamba nti, "Njagala kwogerako naawe."

Ne ŋŋamba nti, "Wangi, nnyabo?" Ne nkyuka.

N'ambuuza nti, "Obadde okimanyi nti wazaalibwa wansi w'akabonero?"

169 Muli ne ŋŋamba nti, "Ono y'omu ku bano abakazi abammalako emirembe." Ne nkyuka ne ntunula eri. Ssaayogera kigambo n'ekimu, na . . .

170 N'agamba nti, "Nnyinza okwogerako naawe?" Ssaamufaako . . . N'agamba nti, "Leka kweyisa bw'otyo."

171 Nga ntunudde butunuzi eri mu maaso. Naye muli ne ndowooza nti, "Ekyo si kya buntubulamu."

N'agamba nti, "Njagala kwogerako naawe katono."

172 Nze nga ntunudde butunuzi eri mu maaso, ssimufaako yadde. Awo ekirowoozo ne kinzijira nti, "Oba oli awo leka ndabe oba nga anaayogera nga bali abalala." Ne nkyuka, ne ndowooza muli nti "Ha, bannange! Mmanyi, ekyo kijja kunkankanya." Kubanga, byantama n'okubirowoozaako. Ne nkyuka.

173 N'agamba nti, "Ndowooza kirungi nsooke nkweyanjulire." N'agamba nti, "Ndi mulaguzi alaguza emmunyeenye."

Ne ŋŋamba nti, "Era ekyo kye mbadde nkusuubira okuba."

174 N'agamba nti, "Ŋŋenda mu Chicago kulaba mutabani wange omuweereza Omubaputisiti."

Kko nze nti, "Yee, nnyabo."

175 N'agamba nti, "Waliwo omuntu yenna eyali akugambyeko nti wazaalibwa wansi w'akabonero?"

176 Ne ŋŋamba nti, "Nedda, nnyabo." Awo nnammulimba, olaba, ne ŋŋamba nti . . . nga njagala ndabe ky'agamba. N'agamba . . . Ne ŋŋamba nti, "Nedda, nnyabo."

N'agamba nti, "Tebaa... Ababuulizi tebakikubuulirangako?"

Kko nze nti, "Ssirina kakwate na babuulizi."

N'agamba nti, "Hm-hmh."

Ne ŋŋamba...n'a—n'aŋŋamba...Ne ŋŋamba nti, "Kale..."

177 N'agamba nti, "Ssinga nkubuulira ddi lwennyini lwe wazaalibwa, ononzikiriza?"

Kko nze nti, "Nedda, nnyabo."

N'agamba nti, "Nze nno, nsobola okukubuulira ddi lwe wazaalibwa."

Ne ŋŋamba nti, "Ssibikkiriza."

178 N'agamba nti, "Wazaalibwa nga 6 Apuli, 1909, ku ssaawa kkumi n'emu ez'oku makya."

179 Ne ŋŋamba nti, "Ekyo kituufu." Ne mmubuuza nti, "Ekyo okitegedde otya?" Ne ŋŋamba nti, "Buulira omulunnyanja ono ddi lwe yazaalibwa."

Kko ye nti, "Ssisobola."

Ne ŋŋamba nti, "Lwaki? Otegedde otya?"

180 N'agamba nti, "Labayo, ssebo." N'ayogera, awo n'atandika, okwogera ku by'omu bwengula, n'agamba nti, "Buli luvannyuma lw'emyaka..." N'agamba nti, "Ojjukira emmunyeenye y'oku nkya bwe yajja, eyo eyakulembera abagezigezi okubatuusa awaali Yesu Kristo?"

181 Ne mba nga eyeebuzaabuza, omanyi, ne ŋŋamba nti, "Nze nno, eby'eddiini nga ssirina kye mbimanyiiko."

182 N'agamba nti, "Naye, wali owulidde ku bagezigezi abajja okulaba Yesu."

Kko nze nti, "Weewaawo."

N'ambuuza nti, "Kati, abagezigezi baali bantu ki?"

"Ha," ne ŋŋamba nti, "kye mbamanyiiko kiri kimu nti, baali bagezi bugezi."

183 N'abuuza nti, "Kale, omugezigezi ye ani?" N'agamba nti, "Kintu kyekimu nange kyendi, muntu alaguza mmunyeenye, 'bantu abeekkenneenya ne babaako bye bamanya nga bakozesa emmunyeenye' bwe bayitibwa." N'agamba nti, "Omanyi, Katonda bw'aba tannakola kintu kyonna ku—ku nsi, bulijjo Asooka kukyoleka mu bwengula, olwo n'alyoka akikola ku nsi."

Nze ne ŋŋamba nti, "Ssimanyi."

184 N'agamba nti, "Kale..." N'ayogerayo emmunyeenye nga bbiri oba ssatu, bbiri...emmunyeenye ssatu, okugeza Mars, Jupiter ne Venus. Ezo si ze yayogera, naye yagamba nti, "Zaayisiŋŋanya mu ntambula yaazo ne zisisinkana ne zikola..."

N'agamba nti, "Waaliwo abasajja basatu abagezigezi abajja okusisinkana Mukama waffe Yesu, nga omu ku bo yali asibuka mu lunyiriri lwa Kaamu, omulala mu lwa Seemu, ate omulala mu lwa Yafeesi." N'agamba nti, "Bwe baasisinkana e Besirekemu, emmunyeenye essatu mwe baali basibuka . . . Buli muntu yenna ku nsi," ntinno, "alina akakwate n'emmunyeenye." N'agamba nti, "Ggwe buuza omulunnyanja oyo oba omwezi bwe gubula ne sseŋŋendo y'omu bwengula n'evaawo, oba nga empewo y'oku nnyanja tegenda wamu n'omwezi okutuusa lwe gudda n'eryoka ekomawo."

Ne ŋŋamba, "Ekyo tekinneetaagisa kukimubuuza, ekyo nsangiddwa nkimanyi."

185 N'agamba nti, "Kati nno, okuzaalibwa kwo kulina engeri gye kukwataganamu n'emmunyeenye eziri mu bwengula."

Ne ŋŋamba nti, "Nze, ekyo ssikimanyi."

186 N'agamba nti, "Kati, abasajja bano abagezigezi abasatu bajja." N'agamba nti, "Emmunyeenye ziri essatu, bwe za . . . Baava mu bifo bya njawulo ne basisinkanira e Besirekemu. Era baagamba nti baabuuliriza ne bazuula, kati omu ku bo yali ava mu lunyiriri lwa Kaamu, Seemu, ne Yafeesi, batabani ba Nuuwa abasatu." N'agamba nti, "Kale bajja ne basinza Mukama waffe Yesu Kristo." N'agamba nti, "Bwe baasitula okuddayo," n'agamba nti, "baaleeta ebirabo gy'Ali ne babimutonera."

187 N'agamba nti, "Yesu Kristo yayogera mu buweereza Bwe nti Enjiri eno bw'erimala okubuulirwa mu nsi yonna (eri abantu ba Kaamu, Seemu, ne Yafeesi), olwo n'Alyoka akomawo." N'agamba nti, "Kati, zi sseŋŋendo ezo, sseŋŋendo ez'omu bwengula ezo, nga bwe zeetooloola . . . " N'agamba nti, "Kati zaayawukana. Okuva ku olwo, zibadde teziddangamu kuba ku nsi. Naye," n'agamba nti, "buli luvannyuma lw'ebikumi by'emyaka, ziddamu okuyisiŋŋanya mu ntambula yaazo bwe *ziti*." Bwe waba waliwo eyasomerera eby'omubwengula, oyinza okuba nga otegeera kye yali ayogerako. Naye nze ssikitegeera. Kale bwe yali ayogera- . . . N'agamba nti, "Ziyisiŋŋanya bwe zityo." N'agamba nti, "Mu kujaguza olw'Ekirabo ekikyasinzeeyo obukulu mu byaweebwa abantu, nga ky'ekyo Katonda bwe yawaayo Omwana We. Zi sseŋŋendo zino buli lwe ziddamu nate okuyisiŋŋanya, awo," n'agamba nti, "Aweereza ekirabo ekirala nate ku nsi." N'agamba nti, "Ggwe wazaalibwa mu kiseera ekyo nga ziyisiŋŋanya." Era n'agamba nti, "Bwentyo bwe nsobodde okukitegeera."

188 Awo, ne ŋŋamba nti, "Nnyabo, ekisooka, nze ebyo n'okubikkiriza ssibikkiriza yadde. Ssiri munnaddiini, era ssaagala na kuddamu kubiwulirako!" Ne nvaawo. Bwentyo ne mwekutulako mangu ddala. Ne nfuluma ne nneeyongerayo.

189 Era buli mulundi . . . lwe nnabangako omu alinga abo gwe nsisinkana, kyabanga bwe kityo. Kati ne nneebuuza nti, "Naye lwaki amasetaani ago gakola bwe gatyo?"

190 Ate ababuulizi, ne bagamba nti, "Oyo ssetaani! Oyo ssetaani!" Ne bandeetera n'okukikkiriza.

191 Kale ku olwo ekiro engulu eri bwe nna . . . ekyo bwe Yakijulizaako, ne mmubuuza, ne ŋŋamba nti, "Kati, lwaki abafumu abo bonna n'ebintu eby'engeri eyo, n'abantu abaliko emizimu, be bokka abakimbuulirako Ekyo; ate bannaddiini, baganda bange, bo ne baŋŋamba mbu kintu kya mwoyo mubi?"

192 Kati muwulirize kye Yayogera, Ono Ali waggulu wano mu kifaananyi. Yagamba nti, "Nga bwe kyali luli, bwe kiri ne kaakano." Awo n'Atandika okubaako by'ansongerako, nga agamba nti, "Obuweereza bwa Mukama waffe Yesu Kristo bwe bwatandika, ababuulizi baagamba nti, 'Yali Beruzebuli, ssetaani'; naye emizimu gyo gyagamba nti, 'Yali Mwana wa Katonda, Oyo Omutukuvu wa Israeri.' Masetaani . . . Kati mulabe Pawulo ne Balunabba bwe baali engulu eri nga babuulira. Ababuulizi baagamba nti, 'Abasajja bano be bavuunise ensi. Bakyamu, bano—bano masetaani.' Naye akalaguzi ke baasanga ku kkubo, ko kaategeera nti Pawulo ne Balunabba basajja ba Katonda, ne kagamba nti, 'Bano basajja ba Katonda abatutegeeza ekkubo ery'Obulamu.'" Si bwe kiri? "Abasamize n'abalaguzi, abantu abaliko emizimu."

193 Naye tugenda ne tunnyikira nnyo mu kusomerera eby'eddiini ne tulemwa okubaako akatono konna ke tumanyi ku bikwata ku by'Omwoyo. Ka nsuubire nti munaasigala mukyanjagala nga mmaze okwogera kino. Naye ekyo kyo bwe kityo bwe kiri. Kye ntegeeza, n'Abapentekoote bwe bali! Ky'ekyo. Okuleekaana obuleekaanyi n'okuzina si ky'ekitegeeza nti olina ky'omanyi ku by'Omwoyo.

194 Wabula ebeera nsisinkano ey'omu ku omu, maaso ku maaso, ekyo kye weetaaga. Ekyo ky'ekikula ky'Ekkanisa Katonda gy'ategeka okusitula, ky'ekyo, bwe bakuŋŋaana awamu nga balina mu bo obumu n'amaanyi, mu Mwoyo.

195 Ebyo bye yajulizaako. N'ambuulira n'engeri abali mu buweereza Ekyo gye kyabalema okutegeera mu ngeri entuufu, era n'Ankakasa nti Ekintu ekyo abali mu buweereza baali tebakitegedde bulungi. Era bwe Yambuulira ku bino byonna n'engeri Yesu gye ya . . .

196 Ne ŋŋamba nti, "Kaakati, ate bino ebinzijira, byo biri bitya?"

197 Era, olaba, n'Agamba nti, "Ebyo bigenda kwekubisaamu emirundi n'emirundi okukirawo." N'anjuliza, nga ambuulira engeri Yesu gye yakikola; nga bwe Yajja nga Aliko Amaanyi agasobola n'okumanya ebintu nga tebinnabaawo ne bwe yabuulira abakazi abaali ku luzzi, n'agamba nti si muwonya,

wabula nga agamba nti ebintu ebyo abikola nga Kitaawe bwe yabanga amulaze.

Ne ŋŋamba nti, "Kati, ogwo gwali mwoyo gwa ngeri ki?"

N'agamba nti, "Yali Mwoyo Omutukuvu."

198 Awo munda yange ne mubaamu ekintu eky'enjawulo, ne nkitegeera nti ekintu kyennyini kye nnakuba amabega ekyo Katonda kye yali yandeetera wano ku nsi okukola. Awo ne nkitegeera nti kyali mu ngeri y'emu nga Abafalisaayo bali ab'omu biro biri, na bano Ebyawandiikibwa baali babintaputidde bubi. Kati okuva ku olwo Ekintu ekyo ne ntandika okukitaputa mu ngeri gye nkitegeeramu, nga Omwoyo Omutukuvu bwe yagamba.

Ne mmugamba nti, "Nja kugenda."

Naye n'Agamba nti, "Nnaabeeranga wamu naawe."

199 Awo Malayika n'addamu n'alinnya mu Kitangaala nate ne kitandika okugenda nga kimwetooloola, ne kimwetooloola, ne kimwetooloola ebigere Bye bwe kityo, n'abulira mu Kitangaala n'abula okuva mu kizimbe.

Eka nnaddayo nga ndi muntu mupya.

200 Ne ŋŋenda mu kkanisa abantu ne nkibabuulirako. Ku. . . lwali lwa Ssande akawungeezi.

201 Kati ku Lw'okusatu akawungeezi ne baleeta omukazi, omu ku ba nnansi b'omu ddwaliro lya Mayo kookolo yali amutta, nga asigadde kisiikirize busiikirize. Bwe nnakka wansi okumukwatako, ne wabaawo okwolesebwa, nga kulaga nga azzeemu okujjanjaba. Ate nga yali ku lukalala mu Louisville mu abo, "abamaze emyaka nga baafa dda." Naye kati gy'ali mu Jeffersonville, ajjanjaba, amaze emyaka egiwerako nga ajjanjaba. Kubanga, bwe nnatunula waggulu, ne ndaba okwolesebwa okwo. Nnakyuka, nga ssitegeera na bulungi kye nkola, nnyimiridde buyimirizi awo, nnakankana omulundi ogwasooka omulwadde ali mu mbeera nga eyo bwe yaleetebwa ne bamugalamiza awo wansi. Ba nnansi n'abalala nga bamwetoolodde, agalamiziddwa awo, amaaso ge nga gagudde mu nkompe.

202 Margie Morgan. Bw'oba oyagala okumuwandiikira, endagiriro ye eri 411 Knobloch Avenue, Jeffersonville, Indiana. Oba wandiika eri eddwaliro lya Clark County Hospital, e Jerffersonville, mu Indiana. Leka akweweeere obu—obujulizi.

203 Nnatunula wansi awo. Era ku mulwadde oyo eyasooka, ŋŋenda okulaba, nga wajja okwolesebwa. Ne ndaba omukazi oyo nga azzeemu okukola ogw'obujanjabi nate, nga atambulatambula, nga ali bulungi wa maanyi era nga mulamu ddala. Ne njogera nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, 'Ogenda kuba mulamu era togenda kufa!'"

204 Bba, omusajja owa waggulu ennyo mu bintu by'ensi eno, n'antunuulira *bw'ati*. Ne ŋŋamba nti, "Ssebo, totya! Mukyala wo agenda kuba mulamu."

205 N'ampita wabweru, n'agamba. . .n'ayitayo ba ddokita nga babiri oba basatu, n'ambuuza nti, "Obamanyi?"

Kko nze nti, "Weewaawo."

206 "Kati nno," n'agamba nti, "ono nnazannyako naye omuzannyo gwa ggoofu. Era yagambye nti, 'Kookolo abadde yeetoolodde ebyenda bya mukyala wange, nga tosobola wadde okumukuba enema.'"

207 Nze ne ŋŋamba nti, "Ssifaayo kiki ky'alwadde! Waliwo ekibaddewo munda wali, ndabye okwolesebwa! Era Omusajja oli eyantuma, yaŋŋamba nti, byonna bye mba ndabye, mbyogere bijja kutuukirira. Ekyo kye yaŋŋamba era nkikkiriza."

208 Katonda atenderezebwe! Waayitawo ennaku ntono okuva ku olwo n'atandika okweyoleza, nga n'okutambula atambula. Kati azitowa kilo nsanvu mu ttaano, mulamu tteke.

209 Kale bwe nnakkiriza kisaasaanyizibwe, ne kisaasaana. Awo Robert Daugherty kwe kumpita. Ne kibuna, wonna mu Texas, ne mu nsi yonna.

210 Lumu ekiro, ku mulundi ogw'okuna oba ogw'okutaano nga ŋŋenda ebweru eyo mu nkuŋŋaana. . .eby'okwogera mu nnimi n'ebirala nga ebyo nnali ssibitegeera. Nnali nzikiririza mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, nga nzikiriza nti abantu basobola okwogera mu nnimi. Naye lumu akawungeezi mba ŋŋenda mu maaso ku ki. . .mu lutikko emu, mu San Antonio, Texas, nga ŋŋenda mu maaso eri, ne wabaawo omuntu omu eyali atudde waggulu nga wano eyatandika okwogera mu nnimi nga oyinza okulowooza nti mmundu y'ewandagaza amasasi, oba emmundu sseruwandula masasi, nga ayogerera kumukumu. Kati emabega eri, ewasemberayo ddala, n'esitukayo omulala n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA! Omusajja oyo atambula nga agenda ku kituuti alina obuweereza obwamukwasibwa Katonda Omuyinza wa byonna. Era nga Yokaana Omubatiza bwe yatumibwa nga eyasooka okukulembera okujja kwa Yesu Kristo, bw'atyo n'ono yeetisse Obubaka obunaaleeta Okujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo okw'omulundi ogw'Okubiri."

211 Nnawulira nga njagala kubulira mu ngatto zange. Ne ntunula waggulu, ne mbuuza ono nti, "Omusajja oli omumanyi?"

N'agamba nti, "Nedda, ssebo."

Ne mbuuza oli nti, "Ggwe ono omumanyi?"

N'addamu nti, "Nedda, ssebo."

Ne mmubuuza nti, "Nze ommanyi?"

Kko ye nti, "Nedda, ssebo."

Ne mmubuuza nti, "Ye okola ki wano?"

212 N'agamba nti, "Nnabisomyeko mu mpapula z'amawulire." Ate nga bulijjo . . . Ekyo kye kyali ekiro ekisooka eky'olukuŋŋaana.

Ne nkyuka eri ne mbuuza oli nti, "Ggwe wazze otya wano?"

213 N'agamba nti, "Waliwo abamu ku bantu bange be baŋŋambye ntinno wabadde ogenda kubeera wano, 'Omuwonya asabira abalwadde,' nange kwe kujja."

Ne mbabuuza nti, "Kyemugamba mwembi temumanyiganye?"

Kko ye nti, "Nedda."

214 Ha, bannange! Awo ne ndaba nti amaanyi gennyini ag'Omwoyo Omutukuvu . . . Olumu eddako kye nnalowoozanga nti kyali kikyamu, naye nnakitegeera nti na . . . Malayika wa Katonda ono y'omu yali alina bw'akwatagana n'abantu bano abaalina ebintu ebyo. Wadde nga baalinamukko ebigingirire n'emivuyo mingi awamu n'okujoboja okungi, naye era mu bo bennyini mwalimu ekintu ekya nnamaddala. [Ebbanga jjereere ku lutambi—Omuk.] . . . Kristo. Era nkiraba nga gaali ma—mazima.

215 Ha, emyaka gyayitawo, era nga mu nkuŋŋaana abantu balaba, okwolesebwa n'ebintu ebitali bimu.

216 Lumu omukubi w'ebifaananyi Ekyo yakikuba ekifaananyi bwe nnali nnina we nnyimiridde emmanga mu Arkansas, nzikiriza gye kyali, mu lukuŋŋaana olwenkana nga luno, mu kisenge ekinene kumpi ekyenkana nga kino. Nnali nnyimiridde, nga ngezaako okukinnyonnyola Ekyo. Abantu baali bamanyi, nga batuula ne bawuliriza, Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibeteriyani, n'abalala. Ŋŋenda okulaba, mu mulyango, nga Kiikino, ne kigira be, "Huushi, huushi!"

217 Ne ŋŋamba nti, "Sseetaaga kwongera kwogera, kubanga kaakati Kiikino kituuse." Ne Kyambuka, abantu ne batandika okuwoggana. Ne kijja we nnali ne kikkalira awo.

218 Bwe kyali Kikkalira, omuweereza omu n'ajja n'agamba nti, "Bannange, Kiikyo nkiraba!" Ne kimuzibira ddala—ddala amaaso, n'addayo emabega nga atagala butagazi. Musobola okulaba ekifaananyi kye awo mu katabo ne mukiraba nga atagala okuddayo emabega nga akotese omutwe gwe bw'ati. Musobola okulaba ekifaananyi kye.

219 Ne Kikkalira awo. Yali munnamawulire omukubi w'ebifaananyi ku olwo ye yakikuba ekifaananyi. Naye ye Mukama yali tannatuusa kiseera.

220 Kati lumu akawungeezi eyo mu Houston, Texas, bwe, ha, waaliwo enkumi n'enkumi z'abantu . . . Twalina abantu

lunaana. . .nga basukka mu kanaana mu kye muyita, ekizimbe mwe bayimbira, nga waakava ku kisaawe gaggadde ekiyitibwa Sam Houston Coliseum.

221 Era mu kuwakana okwo okwaliwo akawungeezi ako, omubuulizi Omubaputisiti mwe yagambira mbu "nnali munnanfuusi owa wansi ennyo eyeeyita kye ssiri, eyeefuula munnaddiini, asaana n'okugobebwa mu kibuga" nti era ye yennyini ye yali asaana n'okukikola.

222 Ow'oluganda Bosworth n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, oyinza okuganya ekintu ekifaanana bwe kityo okubeerawo? Mwanukule!"

223 Ne mmuddamu nti, "Nedda, ssebo, ssikkiririza mu kukuba mpaka. Enjiri si ya kukubirako mpaka, wabula ya kwolesa na bulamu obusaanidde." Ne ŋŋamba nti, "Ne bw'on'omumatiza otya, era ajja kugenda bugenzi mu maaso nga bw'abadde." Ne ŋŋamba nti, "Oyo. . .tekirina kye kijja kumukyusaako. Katonda bw'aba tasobola kwogera na mutima gwe, ate nze nnyinza ntya?"

224 Olunaku olwaddako amawulire ne gafuluma, nga gagamba nti, "Kino kiraze kiki kye bali," mu lupapula lw'amawulire oluyitibwa Houston Chronicle. Nga kigamba nti, "Kino kiraze kiki kye bali, batya n'okwesowolayo okulwanirira bye babuulira."

225 Ow'oluganda muzeeyi Bosworth n'ajja gyendi, mu kiseera ekyo nga wa myaka nsanvu n'omusobyo, muzeeyi ow'oluganda omwagalwa, n'anneebulunguza omukono gwe, n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham," n'agamba nti, "ky'ogamba togenda kwanukula kusoomooza okwo?"

226 Ne ŋŋamba nti, "Nedda, Ow'oluganda Bosworth. Nedda, ssebo. Ssigenda kubinyegako." Ne ŋŋamba nti, "Tebirina kalungi konna ke bikola." Ne ŋŋamba nti, "Bireeta buleesi nkaayana we tuviira ku kituuti." Ne ŋŋamba nti, "Nnina olukuŋŋaana olugenda mu maaso kati, kale ssaagala kwonoona bintu mu ngeri eyo." Ne ŋŋamba nti, "Mumuleke agende mu maaso." Ne ŋŋamba nti, "Ky'ekyo kyokka, amala googera bigambo." Ne ŋŋamba nti, "Abali nga oyo tubaddeko nabo, naye era okwogera nabo tekulina kye kubagasa." Ne ŋŋamba nti, "Bajja kugenda bugenzi, nga beewaana." Ne ŋŋamba nti, "Abo abaamanya Amazima naye ne bagaana okugasembeza, Bayibuli egamba nti baba babuuse omusittale ogwawula era tebalisonyiyibwa mu nsi eno ne mu nsi erijja. Ekintu Ekyo bakiyita 'kya ssetaani' ate nga ddala tebayinza kukyebeera. Kubanga baliko omwoyo gw'eddiini ate nga ogwo ye ssetaani."

227 Ekyo bameka abakimanyi nti kituufu, nti ssetaani mwoyo gwa kinnaddiini? Yee, ssebo, gwesiba ku nnono z'ebyawandiikibwa nga bwe kisoboka. Kale nno, awo, ekyo tekiwulikise bulungi bwe ŋŋambye nti "gwesiba ku nnono

z'ebyawandiikibwa," naye ago ge mazima. "Balina ekifaananyi eky'okutya Katonda kyokka nga beegaana Amaanyi gaakwo." Ky'ekyo. Obubonero n'eby'amagero bulijjo, bye bikakasa Katonda. Era Yagamba nti kiriba bwe kityo ne mu nnaku ez'oluvannyuma. Kati mwekkaanye!

228 Ow'oluganda muzeeyi Bosworth, nze. . .yabadde wa kujja nange, naye nga mukoowu. Yaakadda okuva e Japan. Yabadde wa kubeera wano. Ajja kubaayo nange e Lubbock. Kale yabadde. . .yabaddemukko ne ssenyiga, nga amuluma nnyo, bw'atyo n'atasobola kujja ku mulundi guno, ye ne mukyala we. Kale ya . . .

229 Bonna baalowooza nti yafaananamu nga Kalebu. Yayimirira, n'agamba nti, "Kale nno, Ow'oluganda Branham," n'entunula ye eyo ey'ekitiibwa ennyo, gye mumanyi, n'agamba nti, "nze leka ŋŋende nkikole," n'agamba nti, "gwe bw'oba toyagala kukikola."

230 Ne ŋŋamba nti, "Ha Ow'oluganda Bosworth, ate ggwe—ggwe saagala okikole. Mujja kukomekkereza nga mukaayanye."

N'agamba nti, "Tewajja kubaawo wadde ekigambo ekimu eky'okukaayana."

231 Kati, nga ssinnamaliriza, muwulirize kino. Yamaliriza agenzeeyo. Nnamugamba nti, "Bw'oba tookaayane, tewali mutawaana."

N'agamba nti, "Nkusuubiza ssijja kukaayana."

232 Waaliwo abantu emitwalo nga esatu be baali bakuŋŋaanye akawungeezi ako mu kisenge kiri gaggadde omukuŋŋaanirwa. Ow'oluganda Wood, ono atudde wano, yaliwo mu kaseera ako, era yali atudde mu kizimbe ekyo. Nze na . . .

233 Mutabani wange n'agamba nti, manya. . .Mukyala wange n'ambuuza nti, "Toogendeyo mu lukuŋŋaana luli?"

234 Ne mmuddamu nti, "Nedda. Ssaagala kugenda eyo kubawuliriza nga bakaayana. Nedda, ssebo. Ssaagala kugenda kubiwulira."

Obudde bwe bwaziba, Ne wabaawo ekiŋŋamba nti, "Gendayo."

235 Ne mpangisa takisi, nga ndi ne muganda wange, ne mukyala wange, n'abaana bange, ne tugendayo. Ne nninnyira ddala waggulu ku lukuubo olw'amakumi asatu, waggulu eri, ne ntuula eyo.

236 Ow'oluganda muzeeyi Bosworth n'ajja mu maaso mu ngeri ey'ekikungu ddala, nga bw'omanyi. Yali yawandiise. . .Yalina ebisuubizo eby'enjawulo lukaaga eby'omu Bayibuli bye yali awandiise ku mpapula. N'agamba nti, "Kaakati, Dokita Best, bw'oba osobola jangu wano omenyewo ekimu ku bisuubizo bino nga okozesa Bayibuli. Ebisuubizo bino byonna ebikwata ku Yesu

Kristo nga awonya abalwadde mu nnaku zino, biri mu Bayibuli. Bw'oba osobola okuddira ekimu ku bisuubizo bino, n'okozesa Bayibuli, n'okakasa nti kikontana ne Bayibuli, nja kutuula wansi, nkukwate mu ngalo, ŋŋambe nti, 'Ggwe mutuufu.'"

237 N'agamba nti, "Ebyo nja kubikolako nga nzize awo!" Yayagala y'aba asembayo okwogera asobole okusangulawo eby'Ow'oluganda Bosworth, olaba.

238 Kati Ow'oluganda Bosworth kye yava agamba nti, "Kale, Ow'oluganda Best, leka nkubuuzeeyo ekibuuzo kimu, bw'onanziramu nti 'yee' oba 'nedda,'" n'agamba nti, "empaka tujja kuzimalira wano."

N'agamba—n'agamba nti, "Ekyo nja kukyanukula!"

N'abuuza omuteesiteesi oba wa ddembe okumubuuza. N'amuddamu nti, "Weewaawo."

239 N'amubuuza nti, "Ow'oluganda Best, amannya ga Yakuwa ag'obununuzi gaali googera ku Yesu? 'Yee' oba 'nedda'?"

240 Ekyo kyamala empaka. Ekyo kyokka. Mbabuulira, nnawulira ng'alina ekimpita mu mubiri nzenna. Nange kennyini, ekyo nnali ssikirowoozanganako, olaba. Muli ne ndowooza nti, "Ha, bannange, ekyo tasobola kukiddamu! Ekyo kisibira ddala enkalu."

N'agamba nti, "Kati nno, Dokita Best, nne—nneewunyiza."

N'agamba nti, "Ekyo nja kukyanukula!"

241 N'agamba nti, "Nneewuunyizza okulaba nti tosobola na kwanukula kibuuzo kyange ekisingayo obwangu." Yenna yali mukkakkamu, nga amanyi w'ayimiridde. Awo n'atuula wansi n'Ekyawandiikibwa ekyo.

Oli n'agamba nti, "Eddakiika zo asatu zikozese, nnaakwanukula nga omaze!"

242 Ow'oluganda muzeeyi Bosworth yayimirira awo n'akwata Ekyawandiikibwa ekyo n'asiba omusajja oli enkalu yenna amaaso ne gamumyuka nga kumpi, osobola n'okumusazaako akabiriiti ne kaaka.

243 Omusajja yasitukawo nga yenna, asunguwadde, empapula n'azisuula wansi, n'alinnya waggulu n'abuulira obubaka obw'enzikiriza y'aba Campbell bwennyininnyini. Nnali Mubaputisiti, bye bakkiriza mbimanyi. Teya . . . Yali abuulira ku kuzuukira nga agamba nti, "'guno oguvunda bwe gulyambala obutavunda,' olwo lwe tulifuna okuwonyezebwa kw'Obwakatonda." Ha, bannange! Okuwonyezebwa kw'Obwakatonda tuliba twetaaga kwaki nga tumaze okwambala ogutavunda ("guno oguvunda nga gumaze okwambala obutavunda," okwo nga kwe kuzuukira kw'abafu)? N'eky'amagero Yesu kye yakola ku Lazaalo yakibuusabuusa, nga

agamba mbu, "Yamala n'addamu n'afa, mbu ekyo kyali kintu ekitaali kya nkalakkalira." Olaba?

244 Olwamaliriza ebyo, n'agamba nti, "Muleete Omuwonya oyo mmulabe bw'awonya!"

245 Mu kaseera ako ebintu ne bitabuka. Ow'oluganda Bosworth n'agamba nti, "Ow'oluganda Best, onneewunyisizza, obutannyanukula ekibuuzo ekimu bwe kiti kye nkubuuzizza."

246 Ate awo n'aviira ddala mu mbeera, n'agamba nti, "Muleete Omuwonya oyo mmulabe bw'awonya!"

N'agamba nti, "Ow'oluganda Best, okkiriza nti abantu balokoka?"

Kko ye nti, "Ddala!"

N'agamba nti, "Ggwe wandyagadde bakuyite Omulokozi?"

N'addamu nti, "Nedda n'akatono!"

247 "Mu ngeri y'emu . . . Ekyo tekikufuula Mulokozi olw'okuba obuulidde ku kulokolebwa kw'emmeeme."

N'agamba nti, "Ddala, si kyendi!"

248 N'agamba nti, "Mu ngeri y'emu n'Ow'oluganda Branham okubuulira ku kuwonyezebwa kw'Obwakatonda okw'omubiri tekimufuula Muwonya. Si y'Awonya, wabula abantu abasongera ku Yesu Kristo."

249 N'agamba nti "Mumuleete, mmulabe bw'akola! Leka ntunule ku bantu abo, nga wayiseewo omwaka, ndyoke nkubuulire oba Ekyo nkikkiriza oba nedda."

250 Ow'oluganda Bosworth n'agamba nti, "Ow'oluganda Best, ekyo kiwulikika nga biri ebyayogerwa e Kalivaaliyo nti, 'Wanukayo ku Musaalaba tulyoke tukukkirize.'" Olaba?

251 Awo, ha, n'atabukira ddala. N'agamba nti, "Leka mmulabe bw'awonya! Leka mmulabe bw'awonya!" Abateesiteesi ne bamutuuza wansi. Ne yeetala awo wonna, naye waaliwo omubuulizi Omupentekoote eyali ayimiridde awo, n'amucapa empi nga bw'amuwalabanya awo ku kituuti. Awo ne bamukakkanya. (Ow'oluganda Bosworth kye yava agamba nti, "We bituuse, we bituuse! Nedda, nedda.") Abateesiteesi kwe kumutuuza wansi.

252 Raymond Richey n'asituka, n'abuuza nti, "Ab'omukago gw'amakanisa ogwa Southern Baptist Convention bwe bati bwe beeyisa?" N'abuuza nti, "Mmwe abaweereza Ababaputisiti, omukago gw'amakanisa ogwa Southern Baptist Convention gwe gwatumye omusajja ono wano oba yazze ku lulwe yekka?" Nga tebalina kye baddamu. N'abagamba nti, "Mbabuuzizza!" Bonna, yali abamanyi.

253 Ne bagamba nti, "Yazze ku lulwe yekka." Kubanga nange Ababaputisiti mbamanyi okuwonyezebwa kw'Obwakatonda,

nabo bakukkiririzaamu. Kye yava agamba nti, "Yazze ku lulwe yekka."

254 Kati kiikino ekyaddirira. Awo Ow'oluganda Bosworth n'agamba nti, "Nkimanyi nti Ow'oluganda Branham ali mu lukuŋŋaana muno, bw'aba ayagala okujja asiibule olukuŋŋaana, kinaaba kirungi nnyo."

Howard kye yava aŋŋamba nti, "Ggwe tuula ntende!"

Ne ŋŋamba nti, "Ntudde ntende."

255 Mu kaseera ako kennyini Ekintu ne kijja, ne kitandika okwetooloola, ne mmanya nti oyo Malayika wa Mukama, n'aŋŋamba nti, "Situka!"

256 Abantu nga ebikumi bitaano ne bakwatagana emikono bwe *bati*, ne bakola olukuubo, okutuukira ddala ku kituuti.

257 Ne ŋŋamba nti, "Ab'emikwano, ssiri Muwonya. Ndi muganda wammwe." Ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Best, awatali . . ." Manya, "Ow'oluganda Best," Ne ŋŋamba nti, "ssikutyoboola, muganda wange, n'akatono. Olina eddembe okutwala ebintu nga bw'obimanyi, nange bwentyo." Ne ŋŋamba nti, "Okiraba bulabi nti, olemeddwa okukakasa, ensonga yo, eri Ow'oluganda Bosworth. Era tosobola kugikakasa muntu yenna eyasoma Bayibuli ekimala, nga amanyi ebintu ebyo." Ne ŋŋamba nti, "Ku by'okuwonya abantu, nze ssiyinza kubawonya, Ow'oluganda Best. Wabula buli kawungeezi mbeera wano, bw'oba oyagala okulaba nga Mukama akola eby'amagero, jangu wano. Abikola buli kawungeezi."

258 N'agamba nti, "Njagala nkulabe nga waliwo omuntu gw'owonya era mmwekebejje! Oyinza okubawunza nga bw'okola, wabula" n'agamba nti, "njagala mbalabe nga wayiseewo omwaka mulamba!"

Ne ŋŋamba nti, "Kale, Ow'oluganda Best, oli wa ddembe okubeekebejja."

259 N'agamba nti, "Tewali akkiririza mu bintu bwe bityo okuggyako mmwe abatukuvu abeevulunga ab'emitwe emikalu. Abababaputisiti tebakkiririza mu bintu bya kisirusiru bwe bityo."

260 Ow'oluganda Bosworth n'agamba nti, "Musooke mulindeko." N'abuuza nti, "Bameka abali eyo, mu wiiki zino ebbiri ze tumaze wano nga tukuŋŋaana, abalina enkolagana ennungi n'amakanisa g'Abababaputisiti gano amalungi ag'omu Houston, abasobola okukakasa nti Mukama Katonda Ayinza byonna abawonyezza nga Ow'oluganda Branham ali wano?" Abantu abasukka mu bikumi bisatu ne baayimirira. N'abuuza nti, "Ate abo?"

261 N'agamba nti, "Si Bababaputisiti!" N'agamba nti, "Omuntu yenna asobola okumala gawa bujulizi ku kintu, naye ekyo tekikifuula kituufu!"

262 Ne bamugamba nti, "Ekigambo kya Katonda kigamba nti kituufu, era ekyo tolina bw'okisambajja. Abantu nabo bagambye nti kituufu, ekyo nakyo tolina bw'okimenyawo. Kale kati Ekyo ogenda kukikolera ki?" Olaba, bwe batyo.

263 Ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Best, nze Mazima gokka ge njogera. Era bwe mba nga ndi mutuufu, Katonda avunaanyizibwa okukakasa Amazima." Ne ŋŋamba nti, "Ssinga takikola. . .Bw'Atakakasa Mazima, olwo aba si Katonda." Ne ŋŋamba nti, "Ssiwonya bantu. Nnazaalibwa n'e—n'ekirabo eky'okulaba ebintu, okubiraba nga bibeerawo." Ne ŋŋamba nti, "Nkimanyi nti ntegeerwa bubi, naye ssiyinza butakola mutima gwange kye gunnumiriza." Ne ŋŋamba nti, "Nzikiriza nti Yesu Kristo yazuukira mu bafu. Kale Omwoyo oyo ajja n'alaga okwolesebwa n'ebirala, bw'aba abuusibwabuusibwa, yitayokko weerabireko." Ne ŋŋamba nti, "Ky'ekyo kyokka." Naye ne ŋŋamba nti, "Naye nze ku lwange, ssirina kye nnyinza kukola ku lwange." Ne ŋŋamba nti, "Bwe mbeera nga ge njogera ge Mazima, Katonda avunaanyizibwa gyendi, okukakasa nti Ago ge Mazima."

264 Mu kaseera ako, Ekintu ne kijja be, "Whoooossssh!" Awo n'Atuuka, n'akka wansi. Kati omukubi w'ebifaananyi ow'ekitongole kya American Photographer Association, ba Douglas Studios mu Houston, Texas, nga kkamera yaabwe ennene eri awo (baali tebakkirizibwa kukuba bifaananyi), n'akuba ekifaananyi ekyo.

265 Baali bazze kukuba bifaananyi bya Mw. Best, ya—yali yagambye nga nze ssinnagendayo, nga yagambye nti, "Sooka olindeko! Njagala ebifaananyi ebikulu mukaaga bye biba bivaamu!" N'agamba nti, "Wano, nkuba ekifaananyi kati!" N'addira engalo ye n'agiteeka ku nnyindo y'omukadde oli omutukuvu, bw'ati, n'agamba nti, "Kati nkuba ekifaananyi!" Ne bakimukuba. N'afunya ekikonde kye n'akiwanika, n'agamba nti, "Kati nkuba ekifaananyi!" Ne bakimukuba nga akoze bw'atyo. N'akola ne bw'ati, bongere okumukuba ekifaananyi. N'agamba nti, "Bino mujja kubiraba nga bifulumidde mu katabo kange ak'amawulire!" bw'atyo.

266 Ow'oluganda Bosworth yali ayimiridde awo era teyayogera kigambo kyonna. Kati ne Kino ne bakikuba ekifaananyi.

267 Baba baddayo eka akawungeezi ako, (yali muvubuka Mukatuliki ye yakikuba), n'agamba omuvubuka ono omulala, n'amubuuza nti, "Ggwe okirowoozaako ki Ekyo?"

268 N'amuddamu nti, "Mmanyi nnamukolokose. Ekirookooli ekyo omukazi oli kye yawonye ekyamubadde mu bulago, nnagambye nti yamuwunzizza buwunza." N'agamba nti, "Naye nnandiba nga nnabadde mukyamu ku ekyo."

N'abuuza nti, "Ekifaananyi ekyo okirowoozaako ki?"

"Ssimanyi."

269 Ne bakyoza. Ekifaananyi kye kiikino wano, oyinza okumubuuza bw'oba oyagala. Ne bagenda eka, n'atuula wali n'anywa ssigala. N'ayingira n'aggyayo emu ku z'Ow'oluganda Bosworth, nga negatiivu njereere. N'aggyayo ey'okubiri, ey'okusatu, ey'okuna, ey'okutaano, ey'omukaaga, naye nga negatiivu zonna njereere tekuli kiriko. Katonda yali tayinza kuganya mutukuvu We nnamukadde oyo kuyimirira mu kifaananyi na munnanfuusi oyo, ng'akikinazza ennyindo ye, manya omukono, nga amufunyirizza ekikonde ku nnyindo bw'atyo. Yali tasobola kukiganya.

270 Okuggyayo negatiivu endala, baagenda okulaba nga Kiikino kwe kiri. Baagamba nti, omusajja ekiro ekyo, yalwala omutima.

271 Negatiivu eno ne bagiweereza mu Washington, DC. N'essibwako envumbo y'obwannannyini, n'ekomezebwawo.

272 George J. Lacy, akulira eby'okwekebejja ebinkumu n'ebiwandiiko mu kitongole ekikessi ekya F.B.I., n'ebirala, omu ku basinga obukugu mu nsi yonna, n'aleetebwa n'amala ennaku bbiri nga yeekebejja kkamera, ekitangaala, n'ebirala byonna. Era bwe twatuuka akawungeezi ako, n'agamba nti, "Levulandi Branham, nange, mbadde omu ku bantu abakukolokota." N'agamba nti, "Era nnabiyita bya kusoma bwongo bwa bantu, bwe waaliwo eyagamba nti yalaba Ebitangaala ebyo n'ebintu ebifaanana bwe bityo." N'agamba nti, "Omanyi, munnanfuusi ow'edda ye yateranga okwogera bwatyo" (nga ategeeza oyo atakkiriza) "'nti ebifaananyi ebyo, enkulungo y'ekitangaala eyo eyeetoolodde Kristo, eyeetoolodde abatukuvu,' yagamba mbu 'ekyo kwali kusoma bwongo kwereere.'" Naye n'agamba nti, "Levulandi Branham, eriiso lya kkamera eno ey'ekyuma terisobola kukwata kintu kya bwongo! Ekitangaala kyayingira mu liiso lya kkamera, manyanga kyakwata ku negatiivu, ne kisigala nga Kiri kuli." N'agamba nti . . .

273 Ne nkibakwasa. N'agamba nti, "Ha, mukulu, ekyo omanyi omuwendo ogukiggyaamu?"

Nze ne ŋŋamba nti, "Nga si nze nkitunda, ow'oluganda, nga si nze nkitunda." Kye yava agamba nti . . .

274 "Kwo okuba, tekirikolerawo nga okyali mulamu, naye lumu, obugunjufu bwe buliba bukyasaasaana nga n'Obukristaayo bukyaliwo, walibaawo ensonga eriba ekwata ku kintu kino."

275 Kale nno, mikwano gyange, akawungeezi kano, ssinga kiba nti luno lwe lukuŋŋaana lwaffe olusembayo ku nsi eno, nze nammwe tutudde mu Kubeerawo kwa Katonda Ayinza byonna. Obujulizi bwange bwa mazima. Ebintu, biyitirivu obingi, kiyinza okwetaagisa ebitabo ebinene ddala okubiwandiika, naye njagadde mutegeere.

276 Bameka abali wano abaali balabye n'amaaso gaabwe, nga si kifaananyi bufaananyi, ne balaba Ekitangaala Kyennyini ekyo, nga kiyimiridde awo nga mbuulira? Muwanike emikono

gyammwe, wonna mu kizimbe, buli yenna Ekyo eyali akirabyeko. Mulaba, emikono giri nga munaana oba kkumi abatudde wano.

277 Oyinza okubuuza nti, "Basobola—basobola okukiraba Ekyo nze ne ssikiraba?" Yee, ssebo.

278 E—Emmunyeenye eri abagezigezi gye baali bagoberera, yayita waggulu w'ebifo byonna omuli ebyuma ebirengera mu bwengula. Tewali mulala yagiraba okuggyako bo bokka. Be bokka abaagiraba.

279 Eriya yali ayimiridde awo nga alaba amagaali ago ag'omuliro, na buli kimu. Kyokka nga Gekazi yeetoolooza amaaso, naye nga tagalabako yadde. Katonda n'agamba nti, "Zibula amaaso ge asobole okulaba." Awo n'alyoka agalaba, olaba. Naye yali muvubuka mulungi, nga ayimiridde awo atunulatunula, wabula nga tasobola kugalaba. Ddala. Waliwo be kyaweebwa okukiraba, naye abamu tekyabaweebwa. Era ekyo kituufu.

280 Naye kati mmwe abatakirabangako Ekyo, abatakirabangako Ekyo, nammwe abaali bakirabyeko Ekyo n'amaaso gammwe naye nga ekifaananyi temukirabangako, so nga oyo alaba ekifaananyi alina obukakafu bwa maanyi okusinga ggwe eyakiraba Ekyo n'amaaso go ag'omubiri. Lwa nsonga nti, eriiso lyo ery'omubiri, liyinza okuba nga lyakulimba, kiyinzika okuba nga walaba bubi. Si bwe kiri? Naye ekifaananyi Ekyo tekyava ku butalaba bulungi, Ekintu ekyo ge Mazima gennyini, n'okunoonyereza kwa ssaayansi kye kukakasa nti Ago Mazima. N'olw'ekyo Mukama waffe Yesu kino y'akikoze.

Oyinza okumbuuza nti, "Kati olwo ggwe olowooza kiki Ekyo," "Ow'oluganda Branham?"

281 Nze nzikiriza nti eyo ye Mpagi y'emu ey'Omuliro eyakulembera abaana ba Isiraeri nga bava e Misiri bagenda mu Palestina. Nzikiriza nti ye Malayika y'omu ow'Omusana eyajja n'ayingira mu—mu kkomera n'ajja eri Omutukuvu Peetero n'amukwatako, era n'agenda n'aggulawo oluggi n'amufulumya awaali ekitangaala. Era nzikiriza nti Ekyo ye Yesu Kristo oyo abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Amiina! Ye Yesu y'omu leero nga bwe yabadde eggulo. Emirembe n'emirembe agenda kusigala nga ye Yesu y'omu.

282 Era kati mu kiseera kino we njogerera ku kintu Ekyo, Ekitangaala kye kimu ekyo ekiri mu kifaananyi ekyo . . . we kiyimiridde kati kati tewawera na fuuti bbiri okuva nze we nnyimiridde mu kaseera kano kennyini. Ky'ekyo. Ssisobola kukiraba na maaso ga—gange, naye mmanyi Kiyimiridde wano. Mmanyi nti Kikkalidde munda mu nze mu kaseera kano kennyini. Ha! Ssinga musobola okutegeera enjawulo ebeerawo nga amaanyi ga Katonda Ayinza byonna gatuuse, n'engeri ebintu gye bikyuuka mu ndabika!

283 Okwo kusoomooza, buli muntu yenna. Mbadde ssigenda kusabira balwadde, mbadde ŋŋenda kubawaayo mulundi gumu. Naye ate okwolesebwa kuukwo kulengejjera waggulu ku bantu. Uh-huh. Katonda akimanyi. Ssigenda kuyita lunyiriri lwa ba kusabirwa, ŋŋenda kubaleka awo we mutudde. Mu mmwe bameka abatalina kkaadi ya ba kusabirwa? Leka tulabe emikono gyammwe, oyo atalina kkaadi emusobozesa kusabirwa, nga tolina kaadi ekusobozesa kusabirwa.

284 Omukyala omuddugavu atudde wano, emikono gyo obadde ogiyimusizza waggulu. Si bwe kiri? Yimirirako katono nsobole okukwawula mu balala. Ssimanyi kiki Mwoyo Omutukuvu ky'agenda kwogera, naye okusinziira ku ngeri gy'ontunuulidde, ojjudde bwesimbu bwereeere. Tolina kaadi ekusobozesa kusabirwa? Katonda Omuyinza wa byonna ssinga ambikkulira ekizibu kyo . . . Kino nkikola nga eky'okutandikirako, kutandikirako butandisi. Onzikkiriza okuba . . . Omanyi tewali wadde . . . mu nze temuli kalungi konna. Bw'oba oli mukyala mufumbo, balo ssirina kye mmusinga. Ndi musajja nga abalala. Naye ye Yesu Kristo Mwana wa Katonda, era yatuma Omwoyo We okukakasa ebintu bino.

285 Ssinga Katonda ambuulira ekikutawaanya (ate nga okimanyi nti ssirina ngeri yonna gye nnyinza kumanya bikufaako n'akatono), onokkiriza n'omutima gwo gwonna? [Mwannyinaffe oyo omukyala aliko by'ayogera—Omuk.] Katonda akuwe omukisa. Kale nno obulwadde bwo obw'entununsi eya waggulu bukuvuddeko. Bwe bubadde bukuluma. Si bwe kibadde? Kale tuula wansi.

286 Ekyo mukikkiririzeewo! Nsoomooza omuntu yenna okukikkiriza Ekyo.

287 Mulabeeyo, leka mbeeko ne kye mbabuulira. Maliza, nga ajja eri Yesu Kristo. Ekirabo ekyo tekyandikoze . . . Kitaffe yali yamaze dda okumulaga kye yali agenda okukola Ye. Tekyandikoze n'akatono. Naye yagamba nti, "Mukama wange, nze . . . Ssinga wabadde wano, mwannyinaze teyandifudde." N'agamba nti, "Wabula mmanyi nti na kati kyonna ky'osaba Katonda, Katonda ajja kukikuwa."

288 Ye n'agamba nti, "Nze Kuzuukira n'Obulamu, oyo akkiririza mu Nze ne bw'alifa, aliba mulamu. Na buli mulamu anzikiriza Nze talifa. Okikkiriza ekyo?"

289 Wulira bwe yaddamu. Yagamba nti, "Weewaawo, Mukama. Nzikiriza nti buli ky'Oyogedde ge Mazima. Nzikiriza nti Ggwe Mwana wa Katonda eyali ow'okujja mu nsi." Bw'atyo bwe yamutuukirira, mu bukkakkamu.

Engeri gye weewuliramu ya njawulo, si bwe kiri, nnyabo? Weewaawo. Ky'ekyo.

290 N'omukyala atudde awo wennyini, oyo akuddiridde, naye, atawaanyizibwa obulwadde bw'omu nnyingo n'obuzibu

bw'ekikyala. Ekyo si bwe kiri, nnyabo? Yimirirako, omukyala oyo ali mu kiteeteeyi ekimyufu. Obadde kumpi nnyo, okwolesebwa kuzze gy'oli. Bulwadde bwa mu nnyingo, n'obuzibu bw'abakyala. Si bwe kiri? Ekirala ekiri mu bulamu bwo kiikino (olina—olina engeri gy'otunula enkaliriza): weeraliikirira nnyo mu bulamu bwo, olina emitawaana mingi. Era emitawaana egyo gikwata ku muntu gw'oyagala ennyo, ye balo. Mutamiivu. Tagenda mu kkanisa. Ekyo bwe kiba kituufu, yimusa omukono gwo. Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Genda eka kati ofune omukisa gwo. Owonyezeddwa, ekitangaala kikwetooloodde.

291 Omwami amuddiridde awo. Ggwe, ssebo, okkiriza? [Ow'oluganda agamba nti, "Weewaawo. Nzikiriza."—Omuk.] N'omutima gwo gwonna? ["Yee, ssebo."] Akamu ku busimu bwo kaayonooneka. Akasimu ak'okuwunyiriza. Ekyo si bwe kiri? Bwe kiba kye kyo, wuuba ku mukono gwo. ["Bwe kiri."] Ddira omukono gwo oguteeke ku mumwa gwo *bw'oti,* ogambe nti, "Mukama Yesu, nkukkiriza n'omutima gwange gwonna." ["Mukama Yesu, nkukkiriza n'omutima gwange gwonna."] Katonda akuwe omukisa. Kati genda. Ojja kufuna okuwonyezebwa kwo.

292 Mube n'okukkiriza mu Katonda! Mukirowoozaako ki Ekyo, mmwe abali emabega eyo? Mukkiriza? Mwewombeeke!

293 Waliwo omukyala atudde emabega ddala eri mu nsonda. Ekitangaala ekyo nkirengera kiri waggulu ku ye. Eyo ye ngeri yokka ensobozesa okukimanya, Ekitangaala ekyo we kirengejjera. Ekitangaala *Kino* wano kirengejjera ku mukyala. Oba oli awo mu ddakiika emu, ssinga ndaba kiki kye kiri. Kijja kweraga . . . Omukyala mulwadde wa—wa mutima. Antunuulidde butereevu.

294 N'omwami we y'amuliraanye. N'omwami we waliwo obulwadde obumuluma, abadde mulwadde, nga atawaanyizibwa, mulwadde. Si bwe kiri, ssebo? Yimusa emikono gyo ekyo bwe kiba nga kituufu. Ky'ekyo, ye ggwe, nnyabo, ggwe eyeesuulidde akatambaala. Omwami, si bwe kiri ekyo? Obadde totawaanyizibwa leero? Olubuto lwo lugulumba, ssebo. Ky'ekyo.

295 Mwembi mukkiriza n'emitima gyammwe, mwembi? Mukikkiriza Ekyo? Ssebo, naawe, leka nkubuulire, nkulaba oyimusizza omukono gwo, muze gwa kunywa ssigala. Gulekere awo. Onywa emisokoto gya taaba, ekyo tosaanye kukikola, kye kikulwaza. Ekyo si bwe kiri? Bwe kiba nga bwe kiri, wuuba ku mukono gwo bw'oti. Ekyo kye kikulwaza mu lubuto. Kikola bubi obusimu bwo. Suula eri ebintu ebikyafu, era tobiddira, ekyo kijja kuwona obeere bulungi, n'obulwadde bw'omutima obutawaanya mukyala wo bujja kumuvaako. Okikkiriza ekyo? Si bwe kiri? Nga nsinziira wano ssisobola kukulaba, era ekyo okimanyi, naye olina eminwe gya taaba ku . . . mu—mu nsawo yo

ey'omu maaso. Ky'ekyo. Ebintu ebyo biggyeyo oteeke omukono gwo ku mukyala wo, ogambe Katonda nti ebintu eby'engeri eyo obivuddeko, ojja kuddayo bulungi eka, ggwe ne mukyala wo mujja kuba bulungi. Erinnya lya Mukama Yesu liweebwe omukisa!

Mukkiriza n'omutima gwamwe gwonna?

296 Omukyala ono atudde wano antunuulidde. Ggwe ali . . . awo ku ntebe ey'omu maaso, atuudde wano. Omukyala ono ali ne . . . antunuulidde, atudde awo wennyini. To . . . Nnyabo, olina kaadi y'okusabirwa, wano eno wennyini? Tolina kkaadi ya kusabirwa yadde? Okkiriza n'omutima gwo gwonna? Okkiriza nti Yesu Kristo asobola okukuwonya?

297 Okirowoozaako ki Ekyo, ggwe amuliraanye? Olina kaadi y'ab'okusabirwa, nnyabo? Togirina? Naawe, oyagala okuwona? Tewandyagadde kuddayo n'oddamu okulya nga bwe walyanga, olubuto lwo luwone? Okikkiriza nti Yesu akuwonya kaakano? Yimirira bw'oba okkiriza nti Yesu Kristo akuwonyezza. Obadde olina amabwa mu lubuto, si bwe kiri? Kyava ku kweraliikirira. Omaze ebbanga ddene nnyo nga weeraliikirira. Naddala asidi n'ebirala, manyanga kye ntegeeza nti kireeta asidi, era kinyenyeeza amannyo emmere eri mu lubuto lwo bw'ogibejjagala n'edda mu kamwa. Ago ge mazima. Yee, ssebo. Mabwa g'omu lubuto agasajjuse, ge gabadde ku ntobo y'olubuto lwo. Gakuleetera okulumwa ekikeeto naddala oluusi nga olidde omugaati ogusiigiddwako omuzigo. Si bwe kiri? Ssisoma busomi birowoozo byo, wabula Omwoyo Omutukuvu takola nsobi. Kaakati owonyezeddwa. Ddayo eka, obeere bulungi.

298 Ate mmwe abali emabega ku ludda luno? Abamu ku mmwe abali eyo abatalina kaadi za kusabirwa, muyimuse emikono gyammwe. Oyo yenna atalina kkadi ya kusabirwa. Kale, wewombeeke, kkiriza n'omutima gwo gwonna. Ate ku mwaliiro ogwa waggulu? Mubeere n'okukkiriza mu Katonda.

299 Bino ssiyinza kubikola ku lwange, wabula kisa Kye ekitenkanika kyokka. Mukkiriza? Njogera kusinziira ku ky'Amaze okundaga. Okusinziira nga okukkiriza kwammwe . . . Ekyo nkyogera kunyeenya kukkiriza kwammwe, awo ndabe wa gy'Anannuŋŋamya. Mukiraba nti kino—kino si muganda wammwe? Muyimiridde mu Kubeerawo Kwe. Kino si nze nkikola, okukkiriza kwammwe kwe kukireetera Ekyo okukola. Nze Ekyo ssisobola kukireetera kukola. Kukkiriza kwammwe kwe kukikola. Nze Ekyo ssirina ngeri ya kukireeteramu kukola. Mulindeeko katono.

300 Mu nsonda eno ndabayo omusajja omuddugavu atudde, alabika mukulukulu, ayambadde gaalubindi. Olina kaadi y'okusabirwa, ssebo? Yimirirako katono. Onzikiriza okuba omuweereza wa Katonda, n'omutima gwo gwonna? Waliwo omuntu omulala gw'olowoozaako, si bwe kiri? Bwe kiba

kituufu, wuuba ku mukono gwo. Ekyo si nze nkikola, muganda wo. Kati, tolina kaadi ya kusabirwa. Tewaliiwo ngeri yonna gy'obadde ogenda kuyingira mu lunyiriri, kubanga kaadi y'okusabirwa togirina. Kati, bwe wabaawo ku mmwe abalina kaadi ez'ab'okusabirwa, temu—temu—temusituka, olaba, kubanga mmwe mujja kuba n'akakisa ak'okujja mu lunyiriri.

301 Naye Ekitangaala ekyo nkiraba nga kimulengejjerako. Kibadde tekinnafuuka kwolesebwa. Nze ssisobola kukuwonya, ow'oluganda, ssisobola. Ekyo Katonda yekka y'asobola okukikola. Naye ggwe . . . oku . . . olina okukkiriza. Okkiriza. Era waliwo eki—ekintu, eki—ekikireese, mu ngeri emu.

302 Katonda Ayinza byonna ssinga anaabuulira omusajja ono ekimutawaanya, mmwe abasigadde munaatwala okuwonyezebwa kwammwe? Wuuyo omusajja, w'ayimiridde wawerera ddala yaadi kkumi, kkumi na ttaano okuva wendi, ssimulabangako mu bulamu bwange. Musajja ayimiridde buyimirizi awo. Ssinga Katonda Ayinza byonna anaabikkula ekitawaanya omusajja oyo, mmwe mwenna abali wano musaanye okuva wano nga muwonyezeddwa. Katonda ayinza kukola kiki ekisingako awo? Si bwe kiri?

303 Ssebo, tewali kikyamu kikuliko. Oli munafu bunafu, ogira n'ozuukuka ekiro, olw'obulumi mu kawago n'ebirala, naye ekyo si kye kikutawaanya. Ekikutawaanya kikwata ku mutabani wo. Era mutabani wo akuumirwa mu ddwaliro lya gavumenti ery'abalina obulemu ku bwongo, kubanga alina enkula ya butonde bwa ngeri bbiri. Kituufu ekyo? Wuuba ku mukono gwo bwe kiba kituufu. Ekyo kituufu ddala.

304 Bameka kaakati abakkiriza nti Yesu Kristo Omwana wa Katonda ayimiridde wano? Leka tuyimirire tuweeyo ettendo era tufune okuwonyezebwa kwaffe.

305 Ayi Katonda Omuyinza wa byonna, Nnyini Bulamu, Omugabi wa buli kirabo ekirungi, Oli wano, ggwe Mukama waffe Yesu Kristo y'omu, abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

306 Ate ggwe, Ssetaani, oguumaazizza abantu bano ekimala, baveemu! Nkulagira ku lwa Katonda omulamu Oyo Ali wano kaakati mu ngeri ey'Empagi y'Omuliro, vva mu bantu bano! Era baveemu, mu Linnya lya Yesu Kristo!

307 Mwenna muyimuse emikono gyammwe mutendereze Katonda, mufune okuwonyezebwa kwammwe, buli omu.

*Engeri Malayika Gye Yajja Gyendi, n'Omulimu Gwe Yantuma Okukola* LUG55-0117
(How The Angel Came To Me, And His Commission)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Mmande, nga 17 Janwali, 1955, mu ssomero lya Lane Tech High School mu Chicago, Illinois, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2021 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org